Amaanyi g'Omukisa Ageewuunyisa

Richard Brunton

Amaanyi g'Omukisa Ageewuunyisa

Richard Brunton

Amaanyi g'Omukisa Ageewuunyisa
Kyafulumizibwa Richard Brunton
New Zealand

© 2018 Richard Brunton

ISBN 978-0-473-43170-9 (Softcover)
ISBN 978-0-473-43171-6 (ePUB)
ISBN 978-0-473-43172-3 (PDF)

Okugolola Ensobi:
Okwebaza okw'Enjawulo eri
Joanne Wiklund ne Andrew Killick
olw'okufuula olugero luno olusomeka
okusinga bwe lwandibadde!

Okufulumya n'okukuba mu kyapa:
Andrew Killick
Castle Publishing Services
www.castlepublishing.co.nz

Eddiba:
Paul Smith

Ebyawandiikibwa ebijulizibwa biggibwa
mu Nzivuunula ya Kabaka Yakobo.
Obuyinza busigaziddwa
© 1982 ne Thomas Nelson, Inc.
Kikozesebwa ng'oweereddwa olukusa.
Obuyinza bwonna busigazidwa.

OBUYINZA BWONNA BUSIGAZIDDWA

Tewali kitundu eky'ekitabo kino ekiyinza okufulumizibwa,
okuterekebwa mu nkola mwe kiyinza okuggibwa nate,
oba okusindikibwa mu ngeri yonna oba olw'enkola yonna,
ey'amasannyalaze, ey'obuliwo, okwokesaamu, okutereka
ku butambi oba mu ngeri endala, awatali kusooka kuweebwa
lukusa mu buwandiike okuva eri omukubi w'ekitabo kino.

EBIRI MU KITABO KINO

Ebigambo Ebisooka 5
Ennyanjula 9

Ekitundu Ekisooka: Lwaki Omukisa? 15
Okulaba Ebiri Mu Kizikiza 17
Amaanyi ag'Okwogera Kwaffe 22
Okuva Mu Kwogera Obulungi Okudda Mu Kusabira Omukisa 26
Omukisa gw'Ekikulistaayo Kye Ki? 29
Obuyinza Bwaffe obw'Omwoyo 33

Ekitundu eky'Okubiri: Engeri y'Okukikola 41
Ennono Ezimu Enkulu 43
- Fuula Akamwa Akalongoofu Empisa Eya Bulijjo 43
- Buuza Omwoyo Omutukuvu Ki eky'Okwogera 43
- Omukisa nga bwe Gwawukana Okuva Ku Kwegayirira 44
- Tosala Musango 46
- Eky'okulabirako Okulaga Ekifaananyi 47

Embeera ez'Enjawulo zeTuyinza Okwang'anga Oba Okwanganga 49
Okusabira Omukisa Abo Abakuvuma Oba Abakukolimira 49
Okusabira Omukisa Abo Abakukosa Oba Abakugaana 51
Okusabira Omukisa Abo Abakunyiizizza 54
Okweewa Omukisa, Ekifo ky'Okwekolimira 58
Okuvumbula n'Okumenya Ebikolimo 58
Okusabira Omukisa Akamwa Ko 61
Okusabira Omukisa Ebirowoozo Byo 62
Okuwa Omukisa Emibiri Gyaffe 64
Okusabira Omukisa Amaka Go, Obufumbo Bwo n'Abaana Bo 70
Omukisa Gwa Taata 79
Okusabira Omukisa Abalala ng'Osumulula Obunnabbi 85
Okusabira Omukisa Ekifo gy'Okolera 86
Okusabira Omukisa Abantu b'Omu Kitundu Kyo 90
Okusabira Omukisa Ettaka 92
Okusanyusa Mukama 94
Ekigambo Ekisembayo Okuva Eri Omusomi 95

Eby'okussa mu Nkola 96
Ofuuka Otya Omukulistaayo? 98

EBIGAMBO EBISOOKA

Nkukubiriza okusoma akatabo kano akatono n'obubaka bwako obw'amaanyi – ojja kukyusibwa!

Kaali kaseera ako Richard Brunton nange bwe twaali tulya ekyenkya olunaku olumu we yagabanira ki Katonda kye yali amubikkulidde ku bikwata ku maanyi g'omukisa, era mangu ddala ne ndaba obusobozi ku lw'okukola okw'amaanyi mu bulamu bw'abalala.

Nnakwata obubaka bwe ku katambi okubulaga mu lusiisira lw'abasajja b'ekkanisa yaffe. Abasajja abaaliwo baalowooza nti bwaali bulungi nnyo era ne baagala ekkanisa yonna okubuwulira. Abantu baatandika okubussa mu nkola mu buli kitundu ky'obulamu bwabwe era ekyavaamu ne tuwulira obujulizi obwewuunyisa. Omusajja omusuubuzi omu yawa lipooti nti bizinensi ye yali evudde wansi ddala n'etandika okukola amagoba mu bbanga lya

wiiki bbiri zokka. Abalala baawonyezebwa nga bwe baatandika okuwa omukisa emibiri gyabwe.

Emikisa emirala egy'obubaka buno okuwulirwa gyatandika okweggulawo. Nnali ntuuse okwogerera mu ntegeka y'Olukung'ana lwa Bagenerali (abasumba mwe bakunganira awamu okuyiga n'okuzzibwa obuggya) e Kenya ne Uganda. Richard yampererekerako ku lugendo olwo era n'abuulira mu kitundu ekimu ku nsonga y'omukisa. Obubaka buno bwabotola okuyita mu bukalu n'obulumi ebyali bikukuliddwa okumala ebbanga eggwanvu mu bulamu bw'abamu ku baaliwo. Abantu abasinga obungi abaali mu kibiina baali tebaweebwanga mukisa bakitaabwe era nga Richard bwe yayimirira mu buvunaanyizibwa obwo n'abawa omukisa, bangi baakaaba era ne bafuna okusumululwa okw'empulira n'okw'omwoyo awamu n'enkyukakyuka ez'embagirawo mu bulamu bwabwe.

Okumanya engeri y'okusabira omukisa kukyusizza obulamu bwange okutuuka ku ddaala kaakano we nnoonyeza emikisa gy'okuwa abalala omukisa mu bigambo ne mu bikolwa – okuyita mu bye njogera ne

bye nkola. Ojja kunyumirwa akatabo kano akatono, era bw'onokassa mu nkola mu bulamu bwo, okubala kwo ebibala kujja kweyongera era kukulukute ku lw'obwakabaka bwa Katonda.

Geoff Wiklund
Geoff Wiklund Ministries,
Chairman, Promise Keepers,
Auckland, New Zealand

Katonda awadde omukisa Richard n'okubikkulirwa okw'amaanyi g'okusabira omukisa bwe gasumululwa ku balala. Nzikiriza nti kuno kubikkulirwa okuvudde ewa Katonda ku lw'ebiro byaffe bye tulimu.

Nga Richard bw'assa mu nkola obubaka bwe, kino kireeta obujulizi abantu bwe bagoberera nga nabo bassa mu nkola.

Kino kyatuleetera okwaniriza Richard okwogerera mu nkungaana zaffe zonna ez'abasajja Abakuumi b'Ebisuubizo (Promise Keepers). Okukomebwako kwaali kwa maanyi nnyo era bangi abaakyusibwa.

Okusabira Omukisa lyaali ssomo eryayingira ne likwata ku mitima gy'abasajja mu nkungaana z'Abakuumi b'Ebisuubizo. Waaliwo okwanukula okulungi okwa bonna eri okuyigiriza kuno okukulu – okuwa omukisa mu bulamu obwa bulijjo, okulangirira omukisa ku bantu ng'okusaba kuwedde, n'amaanyi g'okwogera obulungi. Bangi ku basajja abaaliwo baali tebaweebwanga mukisa n'akamu oba okuguwa abalala. Oluvannyuma lw'okuwulira obubaka bwa Richard, n'okusoma akatabo kano, baaweebwa omukisa ogw'amaanyi era ne bategekebwa okuwa abalala omukisa mu linnya lya Kitaffe, Omwana n'Omwoyo Omutukuvu.

Nsemba Richard n'ekitabo kino ekyogera ku Maanyi g'Okusabira Omukisa Ageewuunyisa ng'engeri ey'amaanyi ey'okusumulula obujjuvu bw'omukisa gwa Katonda mu maka gaffe, mu bitundu byaffe n'eggwanga lyaffe.

Paul Subritzky
National Director, Promise Keepers
Auckland, New Zealand

ENNYANJULA

Buli muntu ayagala okuwulira amawulire agasanyusa – ate kisingawo okuba ekirungi bw'otuuka okugabuulira abalala!

Bwe nnavumbula omugaso gw'okusabira omukisa, kyaali nga nze eyali omusajja mu Baibuli eyavumbula eky'obugagga mu nnimiro. Mu ngeri ey'essanyu nnagabana ebirowoozo byange ne bye mpiseemu n'Omusumba Geoff Wiklund era n'ansaba njogereko eri abasajja ab'omu kkanisa ye mu lusiisira mu February, 2015. Baakwatibwako nnyo nti baayagala ekkanisa yonna okuwulira obubaka buno.

Bwe nnayogera mu kkanisa, ekyaliwo kyaali nti Reverend Brian France, owa Charisma Christian Ministries, ne Paul Subritzky, owa Promise Keepers New Zealand, nabo baaliwo olunaku olwo. Kino kyaviiramu okugabana kwange obubaka buno mu buweereza bwa Charisma mu New Zealand ne

mu Figi, n'eri abasajja mu nkungaana z'Abakuumi b'Ebisuubizo (Promise Keepers) mu ngeri y'emu. Bangi baakwata obubaka buno era mangu ddala ne batandika okubussa mu nkola, n'ebyavaamu byaali birungi nnyo. Abamu baagamba nti baali tebawulirangako kuyigiriza ku ngeri eno ey'Obwakababaka bwa Katonda.

Obuweereza bw'okusabira omukisa bwalabika okugaziwa ennyo (Katonda tagamba nti, Ekirabo ky'omuntu kinaamusegulizanga?) Ku nkomerero y'omwaka 2015, nnagenda ne Musumba Geoff e Kenya ne Uganda. Yali aweereza eri ebikumi n'ebikumi by'abasumba abajja mu Lukungaana lwa Bagenerali. Eno yali ntegeka ya buli mwaka ababaka mwe baanoonyezanga okulungamizibwa n'okuyambibwa, era Geoff n'awulira nti okuyigiriza kwange ku kusabira omukisa kwandibayambye nnyo. Era bwe kityo bwe kyaali ddala. Si basumba bokka, naye n'aboogezi abalala okuva mu Amerika, Australia ne South Africa baawulira nti bwaali bubaka bwa maanyi era ne banzizaamu amaanyi okubaako kye nkola okutuuka ku bantu abasingawo obungi.

Nnali saagala kuzimba n'okukuuma omutimbagano ku kompyuta (website), wadde okuwandiika ekitabo ekigenda ebuziba so ng'ate ebitabo ebirala ebirungi ennyo byaali weebiri. Obubaka bw'okusabira omukisa bwangu nnyo – bwangu okussa mu nkola – era nnali saagala obwangu bwabwo okubulira mu nkola enzibu – bwe ntyo kwe kuwandiika akatabo kano akatono.

Njulizza ebigambo okuva mu kitabo ekiyitibwa *Amaanyi g'Omukisa* ekyawandiikibwa Kerry Kirkwood, ekitabo ekiyitibwa *Okufukibwa kw'Ekisa: Okufuuka Abantu ab'Omukisa* ekyawandiikibwa Roy Godwin ne Dave Roberts, ekiyitibwa *Omukisa gwa Taata* ekyawandiikibwa Frank Hammond, n'ekirala ekiyitibwa *Eky'amagero n'Amaanyi g'Okusabira Omukisa*, ekyawandiikibwa Maurice Berquist. Nkakasa nti njigidde ku bantu abalala n'ebitabo ebirala, naye mu myaka gyonna egiyise byonna bigattiddwa wamu.

Okuvumbula amaanyi g'okusabira omukisa kujja kuggulawo engeri empya ddala ey'okubeerawo eri omuntu yenna agassa mu nkola. Nsabira omukisa abantu ennaku ezisinga obungi kaakano – abakki-

riza n'abatali bakkiriza – mu bifo bya yintaneti, mu buwooteeri obutonotono, mu wooteeri ennene, ebisenge ebirindirwamu nga eby'oku bisaawe by'ennyonyi, ne ku nguudo ennene mu bibuga ebinene. Nsabidde omukisa bamulekwa, abakozi abayamba bamulekwa, omuyambi omuwala ow'oku nnyonyi, ennimiro z'ebibala, ensolo, obusawo omuterekebwa ssente (wallet), zibizinensi n'endwadde ezijjanjabibwa. Ndabye abasajja n'abakazi abakulu nga bakaabira ku kifuba kyange nga bwe nnali nnangirira omukisa gwa taata ku bulamu bwabwe.

Bwe mbadde njogera n'abatakkiriza, nkizudde nti okwogera ebigambo ng'obabuuza nti, Nyinza okukusabira omukisa ggwe ng'omuntu/bizinensi yo/obufumbo bwo, n'ebirala? nga tekitiisa nnyo nga okubabuuza ekibuuzo nti, Nkusabireko? Mazima ddala, enkola eno ennyangu, ekozesebwa n'okufaayo okujjudde omukwano, yaleetera omu ku bantu b'omu maka gange okutuuka okumanya okwagala n'amaanyi agalokola aga Yesu Kristo, oluvannyuma lw'emyaka egy'okuwakana obuwakanyi.

Ntera obutalaba ku bivaamu, naye ndabye ebimala

okunnyamba okumanya nti okusabira omukisa kukyusa obulamu bw'abantu ab'enjawulo. Era kukyusizza n'obulamu bwange bwennyini.

Kye kikula kya Katonda okuwa omukisa era, ng'ebitonde ebyakolebwa mu kikula Kye, ekintu kye kimu kiri mu KIKULA KYAFFE eky'omwoyo mu ngeri y'emu. Omwoyo Omutukuvu alindiridde abantu ba Katonda okugolokoka mu kukkiriza ne mu buyinza obwo Yesu Kristo bwe yabawangulira, okusobola okukyusa obulamu bw'abalala.

Nkakasa nti ojja kuzuula ekitabo kino nga kiyamba nnyo. Yesu tatulese nga tetulina maanyi. Okwogera emikisa mu mbeera ez'enjawulo kye kisa ky'omwoyo ekibuusiddwa amaaso ekyo ekirina obusobozi obw'okukyusa ensi yo.

Nyumirwa.

Richard Brunton

EKITUNDU EKISOOKA:

Lwaki Omukisa?

OKULABA EBIRI MU KIZIKIZA

Mukyala wange Nicole ava mu nsi eyitibwa New Caledonia, era, mu buli ngeri, ekyo kyategeeza nti nnali nneetaaga okuyiga okwogera Olufalansa n'okutwalako obudde obumala ewaabwe gy'azaalibwa, e Noumea. Newankubadde New Caledonia okusingira ddala ggwanga ly'Abakatoliki, tekyantwalira bbanga ggwanvu okulaba nti abantu bangi baali bakyalina enkwatagana n'oludda olw'ekizikiza, mu ngeri y'emu nga bwe bagenda mu maaso okugoberera eddiini yaabwe. Tekyali kya bbalirirwe abantu okukyalira omufumu oba omulaguzi nga tebamanyi nti baali beebuuza ku ddogo.

Nzijukira mukyala wange yantwala okukyalira omukazi omuto eyali mu myaka nga abiri n'ekigwamu eyali atwaliddwa eri omu ku bano abalowoozebwa okuwonya, naye, amangu ddala oluvannyuma lw'okutwalibwayo, eyali amalirizza ng'atwaliddwa mu maka g'abantu abatabufu b'emitwe oba abanyi-

girizibwa mu bwongo. Nga bwe nnategeera nti yali Mukulistaayo, nnalagira emizimu egyaali gimuyingidde okugenda, mu linnya lya Yesu Kristo. Kabona omukatoliki naye yasaba era, nga tukola omulimu fembi, omuwala ono yasumululwa era n'asiibulwa okuva mu maka gano nga wayiseewo ennaku ntono.

Abalala baayatula nti bo ba ddiini y'Abakatoliki naye ate mu ngeri y'olwatu baayolesanga ebibumbe oba ebifaananyi bya bakatonda abalala. Waaliwo omusajja ow'engeri eyo omu gwe nnasisinkana eyalina ebizibu mu lubuto ebya buli kiseera. Olunaku olumu nnamugamba nti nnali nzikiriza nti singa yeggyako ekibumbe kya Buddha ekinene, ekisava ekyaali mu maaso g'ennyumba ye, – kyonna kyakolezebwanga ne kyaka ekiro – ebizibu by'olubuto lwe byandikomye. N'ekirala, ebimu ku bifaananyi ebirala byonna bye yali akunganyizza byaali byetaaga okugenda. Yagaana – kyaali kisoboka kitya ebintu bino ebifu okusobola okumulwaza? Nga wayiseewo emyezi naddamu okumulaba nate ne mmubuuza olubuto lwe bwe lwaali. Mu ngeri ey'ensonyi n'anziramu nti, Nnamala ne nzikiriza amagezi go ne nneggyako Buddha. Olubuto lwange luli bulungi kaakano.

Omulundi omulala, nnasabibwa okugenda mu nnyumba y'omukazi eyalina kkookolo. Nga sinnatandika kusaba nnabagamba beggyeko ebibumbe bya Buddha mu kisenge kyabwe awalindirwa abagenyi, omwami we kye yakolerawo embagirawo. Nga bwe nnamenya ebikolimo okuva ku bulamu bwe ne ndagira emizimu okugenda mu linnya lya Yesu, n'agamba nti obunnyogovu obwaali nga bbalaafu bwatambula nga bwambuka mu mubiri gwe okuva ku bigere bye n'okufuluma okuyitira mu mutwe gwe.

Bwe kityo, olw'ekyo ekyaliwo, nnasalawo okuwa okuyigiriza ku nsonga y'ebikolimo eri ekibinja ky'abasabi mukyala wange nange kye twaali tutandise mu nnyumba yaffe ey'e Noumea. Okuyigiriza kwaali kwesigamiziddwa ku mulimu gwa Derek Prince (Derek Prince yali musomesa wa Baibuli omumanyifu ow'ekyasa eky'amakumi abiri). Nga bwe nnali ntegeka obubaka bwange mu Lufalansa, nnakivumbula nti ekigambo kyabwe ekyali kitegeeza ekikolimo kye kigambo male'diction, n'ekigambo kyabwe ekitegeeza omukisa kye kigambo ben-ediction. Amakulu g'ebigambo bino byombi kwe kwogera obubi n'okwogera obulungi.

Mu kusooka, bwe nnageraageranya okukolimira n'okusabira omukisa, okukolimira kwalabika nga kwa kizikiza, nga kuzitowa era nga kwa kabenje, n'okusabira omukisa kwalabika nga kwaali kuwewuka nnyo, nga kwa kisa era nga kugasa. Nnali mpulidde okuyigiriza okukwata ku kukolimira mu kusooka, naye nnali siwulirangako ku kuyigiriza kukwata ku kusabira mukisa – oba oli awo ekyayamba ku ndaba yange. Nate era nnali siwuliranga muntu yenna ng'asabira omuntu omulala omukisa n'ekigendererwa ekya nnamaddala n'ebivaamu eby'amaanyi. Eky'amazima, obugazi bw'omukisa gw'Omukulistaayo buyinza okukoma ku kugamba nti, Akuwe omukisa, omuntu omu bw'aba nga ayasimudde, oba okuwandiika ekigambo Emikisa ku nkomerero y'ebbaluwa oba ku y'obubaka bw'amasannyalaze (email) – nga kiri nga kumpi enkola obukola okusinga okuba ekigambo ekirina ekigendererwa.

Oluvannyuma, nga bwe nnali ndowooza ku bigambo bino, malediction ne benediction, kyanzijira nti oba nga okwogera obubi kwaali kwa maanyi, olwo nno okwogera obulungi kulina nakwo okuba n'amaanyi ge gamu era, wamu ne Katonda, oba oli awo kwa maanyi nnyo n'okukirawo.

Okubikkulirwa kuno, awamu n'okulaba okw'ebuziba okulala kwe tunaayogerako oluvannyuma, byantwala mu lugendo olw'okuvumbula amaanyi g'okusabira omukisa.

AMAANYI AG'OKWOGERA KWAFFE

Olw'obutayagala okuddingana ki ebitabo ebirungi bingi kye byogedde ku maanyi g'ebigambo byaffe, njagala okuwa okuwumbawumba okwa ki kye nzikiriza nti kikulu nnyo ku nsonga eno.

Tumanyi nti:

> *Okufa n'obulamu biba mu buyinza bw'olulimi, n'abo abalwagala, balirya ebibala byalwo. (Engero 18:21)*

Ebigambo birina amaanyi mangi – oba nga malungi era nga gazimba, oba nga makyamu era nga gazikiriza. Buli lwe twogera ebigambo (n'okukozesa eddoboozi ery'engeri yonna, erigatta amakulu ku bigambo ebyo), tuba twogera bulamu oba kufa eri abo abatuwulira n'eri ffe fennyini. Ekirala, tumanyi nti:

> *Kubanga ku ebyo ebijjula mu mutima, akamwa bye koogera. Omuntu omulungi ebirungi abiggya mu tterekero eddungi ery'omutima gwe, n'omuntu omubi ebibi abiggya mu tterekero lye ebbi. (Matayo 12:34-35)*

Bwe kityo, okuva mu mutima oguvumirira olulimi oluvumirira lwogera; okuva mu mutima ogulina obutuukirivu obwagwo kubwagwo, olulimi olusala omusango; omutima oguteebaza, olulimi olwemulugunya; n'ebirala. Mu ngeri y'emu, emitima egijjudde okulookalooka gibala bibala ebyo byennyini. Ensi ejjudde okwogera okukyamu. Emikutu gy'amawulire gibifulumya lunaku ku lunaku. Ekikula ky'obuntu olw'okuba nga bwe kiri, tutera obutayogera bulungi ku bantu oba ku mbeera ez'enjawulo. Tekirabika kujja gye tuli mu ngeri eya bulijjo. Tulindirira okutuusa ng'abantu bafudde ne tulyoka tuboogerako ebintu ebirungi. Wabula, etterekero eddungi liva mu mitima egijjudde okwagala egijja okwogera n'olulimi olw'ekisa; okuva mu mitima egy'emirembe, olulimi olutabaganya; n'ebirala.

Ebigambo ebigamba nti, N'abo abalwagala, balirya

ebibala byalwo bitegeeza nti tujja kukungula ekyo kye tusiga – oba nga kirungi oba nga kibi. Mu ngeri endala, ojja kufuna ekyo ky'oyogera. Ki ky'olowooza ku ekyo?

Kino bwe kiri ddala eri abaana b'abantu bonna, si nsonga balina enzikiriza y'Ekikulistaayo oba nedda. Abakulistaayo n'abatali Bakulistaayo mu ngeri y'emu basobola okwogera ebigambo eby'obulamu – eky'okulabirako, bano bombi basobola okugamba nti: Mutabani, ako kasiisra kalungi k'ozimbye. Oyinza okufuuka omuzimbi omulungi oba omukugu mu kuteekateeka n'okuzimba ebizimbe ebinene olunaku olumu. Okoze bulungi.

Wabula, Omukulistaayo azaaliddwa omulundi ogw'okubiri alina omutima omuggya. Baibuli ekyogera nti ffe tuli bitonde biggya (2 Abakkolinso 5:17). N'olw'ekyo, ng'Abakulistaayo, tulina okuba nga ffe tusinga okwogera obulungi era nga ffe tusinga obutayogera bigambo bibi. Tuyinza mu ngeri ennyangu ennyo okugwa mu bigambo ebikontana bwe tutabeera beegendereza okukuuma emitima gyaffe n'ebigambo byaffe. Bw'otandika okulowooza ku

nsonga eno ng'onoonyereza ekigenda mu maaso, ojja kwewuunya emirundi emingi Abakulistaayo – ne mu butamanya – gye beekolimira, n'okukolimira abalala. Ebisingawo ebikwata ku nsonga eyo tujja kubiraba oluvannyuma.

OKUVA MU KWOGERA OBULUNGI OKUDDA MU KUSABIRA OMUKISA: OKUYITIBWA KWAFFE

Nga Abakulistaayo, n'obulamu bwa Mukama Yesu nga bukulukuta okuyita mu ffe, tuyinza okusukka ku kwogera obwogezi obulungi – tuyinza okwogera n'okulangirira omukisa ku bantu oba ku mbeera ez'enjawulo – era mazima ddala tuyitiddwa okukola ekyo. Oba oli awo okusabira omukisa kwe kuyitibwa kwaffe okukulu. Soma ebigambo bino wammanga:

> *Mubeerenga ba kisa, abawombeefu; abata-walananga kibi olw'ekibi, oba ekivume olw'ekivume, naye obutafaanana ng'ebyo, aba-sabira omukisa, kubanga ekyo kye mwayitirwa, mulyoke musikire omukisa. (1 Peetero 3:8,9)*

Tuyitiddwa okusabira omukisa n'okuweebwa omukisa.

Ekintu ekisooka Katonda kye yayogera eri Adamu ne Kaawa gwaali mukisa:

> *Katonda n'alyoka abawa omukisa, Katonda n'agamba nti, Muzaale mwale; mujjuze ensi era mugirye… (Olubereberye 1:28)*

Katonda yabawa omukisa bwe batyo basobole okubala ebibala. Okuwa omukisa mbala ya Katonda – ekyo Ye ky'akola! Era okufaanana nga Katonda – era okuva eri Katonda – naffe tulina obuyinza n'amaanyi okusabira omukisa abalala.

Yesu yawa omukisa. Ekintu ekyasembayo kye yakola, ne bwe yali nga anaatera okulinnya mu ggulu, kwaali kuwa mukisa abayigirizwa Be:

> *N'abatwala ebweru n'abatuusa e Bessaniya, n'ayimusa emikono Gye n'abawa omukisa. Awo olwatuuka, ng'akyabawa omukisa, n'abaawukanako, n'atwalibwa mu ggulu. (Lukka 24:50-51)*

Yesu kye ky'okulabirako kyaffe. Yagamba nti tulina

okukola ebintu bye bimu Ye bye yakola, mu linnya Lye. Twakolebwa Katonda okusabira omukisa.

OMUKISA GW'EKIKULISTAAYO KYE KI?

Mu Ndagaano Enkadde, ekigambo okusabira omukisa kye kigambo ky'Olwebbulaniya ekiyitibwa *barak*. Kino mu ngeri ennyangu kitegeeza okwogera ekigendererwa kya Katonda.

Mu Ndagaano Empya, ekigambo okusabira omukisa kye kigambo ekiyitibwa *eulogia*, mwe tuggya ekigambo ky'Oluzungu ekitegeeza okwogera obulungi ku muntu. Bwe kityo, mu bikolwa, kino kitegeeza okwogera obulungi ku muntu omu oba okwogera ekigendererwa n'okuganja kwa Katonda ku muntu.

Ago ge makulu g'okusabira omukisa ge nja okukozesa ku lw'ekitabo kino. Okusabira omukisa kwe kwogera ebigendererwa oba okuganja kwa Katonda ku muntu omu oba ku mbeera emu.

Katonda, ekitundu ekisinga obunene, mu magezi

Ge, yasalawo okussa ekkomo ku mulimu gwe ku nsi ku ekyo ky'asobola okukola okuyita mu bantu Be. Eno y'engeri Ye gy'aleeta obwakabaka Bwe ku nsi. Okusinziira, Ye ayagala ffe okusabira omukisa ku Lulwe. Bwe kityo, ng'Omukulistaayo, nnyinza okwogera ebigendererwa bya Katonda oba okuganja Kwe ku muntu yenna oba ku mbeera yonna mu linnya lya Yesu. Bwe nkola ekyo n'okukkiriza n'okwagala, olwo nno mba n'amaanyi g'eggulu emabega w'ekyo kye njogera, era nnyinza okusuubira nti Katonda ajja kutambula okukyusa ebintu okuva awo we biri, okudda awo Ye w'ayagala bibeere. Bwe nsabira omukisa omuntu omu nga nkigenderedde, nga nkikola n'okwagala n'okukkiriza, nsobozesa Katonda okussa mu nkola entegeka Ze ku lw'omuntu oyo.

Ku ludda olulala, omuntu omu ayinza okukikola nga akigenderedde, oba kitera okubaawo nga tagenderedde, okwogera ebigendererwa bya setaani ku muntu omu, oba ku ye yennyini, oluvannyuma lw'ekyo ne kisobozesa amaanyi g'emizimu okussa mu nkola entegeka zaagyo ku lw'omuntu oyo – kwe kugamba, okubba, okutta n'okuzikiriza. Naye Katonda yebazibwe,

Oyo ali mu ggwe mukulu okusinga oyo ali mu nsi. (1 Yokaana 4:4)

Gwe mutima gwa Katonda ddala okusabira omukisa – mazima ddala ekikula Kye kyennyini! Okwegomba kwa Katonda okuwa omukisa kwa kudibuuda mu ngeri eyeewuunyisa. Tewaliiwo kiyinza kumuziyiza. Ye mumalirivu okuwa omukisa abaana b'abantu. Okuyaayaana Kwe kuli nti Yesu abeere ne baganda Be ne bannyina bangi ddala. Abantu abo be ba ffe! Naye ate, newankubadde gwe mutima gwa Katonda ddala okuwa omukisa abaana b'abantu, yeegomba n'okukirawo nti abantu Be basabiragana omukisa.

Bwe tusabira omukisa mu linnya lya Yesu, Omwoyo Omutukukuvu ajja kubanga tuba twolesa ekintu Kitaffe ky'akola – tuba twogera ebigambo Kitaffe bye yeegomba byogerwe. Bulijjo mba nnewuunya kino engeri gye kiri eky'amazima ddala. Bwe nsabira omukisa omuntu omu, Omwoyo Omutukuvu abyenyigiramu – Ye akoma ku muntu oli, okwagala kusumululwa era ebintu bikyuka. Emirundi mingi abantu bannywegera oluvannyuma, oba bakaaba nga bagamba nti, Tomanyi ngeri ekyo gye kya-

jjidde mu kiseera ekituufu era engeri gye kyabadde eky'amaanyi, oba nti, Tomanyi ngeri gye nabadde nneetaaga ekyo.

Wabula kiikino ekintu ekikulu ennyo kye tulina okutegeera: Tusabira omukisa nga tusinziira mu kifo eky'enkolagana ey'omukwano ogw'ebuziba ne Katonda, nga tusinziira mu kubeerawo Kwe. Okusemberera kwaffe Katonda okuyita mu mwoyo nsonga nkulu nnyo. Ebigambo byaffe biba bigambo Bye era biba bifukiddwako amafuta n'amaanyi Ge okutuukiriza ebigendererwa Bye ku lw'omuntu oyo oba embeera eyo. Naye leka tuddeko emabega katono…

OBUYINZA BWAFFE OBW'OMWOYO

Mu Ndagaano Enkadde, bakabona baaliwo kwe-gayirira ku lw'abantu n'okusabira omukisa obulamu bwabwe.

> *Eno ye ngeri gye munaasabiranga abaana ba Isiraeri omukisa. Munaabagambanga nti:*
>
> *Mukama akuwe omukisa, akukuume;*
> *Mukama akwakize amaaso Ge.*
> *Akukwatirwe ekisa.*
> *Mukama akuyimusize amaaso Ge, akuwe emirembe.*
>
> *Bwe batyo bwe banaateekanga erinnya lyange ku baana ba Isiraeri, nange naabawanga omukisa. (Okubala 6:23-27)*

Mu Ndagaano Empya, ffe ng'Abakulistaayo tuyitibwa:

> *Ggwanga ddonde, bakabona ba kabaka, kika kitukuvu, bantu ba nvuma, mulyoke mubuulirenga ebirungi by'oyo eyabayita okuva mu kizikiza okuyingira mu kutangaala Kwe okw'ekitalo. (1 Peetero 2:9)*

Era Yesu

> *…atufudde obwakabaka, bakabona eri Katonda Kitaawe… (Okubikkulirwa 1:6)*

Olunaku olumu gye buvuddeko, nnali ntudde ku Ouen Toro, ekifo ekigulumivu mu Noumea, nga nnoonya obubaka obw'okuleeta mu kabinja akasabi. Nnawulira munda mu nze Katonda ng'agamba nti, Tomanyi ki ky'oli. Ate nga wayiseewo emyezi oluvannyuma, n'angamba nti: Singa obadde omanyi obuyinza bw'olina mu Kristo Yesu, wandikyusizza ensi. Obubaka buno bwombi bwaali bwa bibinja by'abantu eby'enjawulo naye, ne nkitegeera oluvannyuma, nti nange bwaali bwange.

Ndowooza kimanyiddwa wonna mu Bakulistaayo nti okwogera obutereevu eri endwadde oba embeera

(olusozi – mu Makko 11:23) n'okulagira okuwonyezebwa kikola nnyo okusinga okusaba Katonda okukikola (Matayo 10:8; Makko 16:17-18). Eno mazima ddala y'ebadde enkola yange era enkola y'abantu abalala abamanyiddwa obulungi era abassibwamu ekitiibwa abakola ennyo era abawanguzi mu buweereza obw'okuwonya n'okusumulula. Nzikiriza nti Yesu agamba ku nsonga eno nti: Mmwe muwonye abalwadde (mu linnya lyange). Ogwo si mulimu Gwange, wabula mulimu gwammwe. Mmwe mugukole.

Katonda ayagala okuwonya era ayagala okukikola okuyita mu ffe. Katonda ayagala okusumulula era ayagala okukikola okuyita mu ffe. Katonda ayagala okuwa omukisa era ayagala okukikola okuyita mu ffe. Tuyinza okusaba Katonda okuwa omukisa, oba tuyinza okusabira omukisa mu linnya lya Yesu.

Emyaka giweze egiyiseewo, nzijukira okutwala obudde okugenda nga bukyali ku mulimu okusabira omukisa bizinensi yange. Nnatandika nga ngamba nti, Katonda, wa omukisa Colmar Brunton. Kyawulikika nga tekikola nnyo makulu. Ne ndyoka

nkyusa – mu ngeri ya kutya mu kusooka – ne nva ku ky'okusaba Katonda okuwa omukisa Colmar Brunton ne njogera ebigambo bino:

Colmar Brunton, nkusabira omukisa mu linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu
Nkusabira omukisa mu Auckland, era nkusabira omukisa mu Wellington, era nkusabira omukisa Mu matwale ag'enjawulo. Nkusabira omukisa ku mulimu era nkusabira omukisa awaka.
Nsumulula Obwakabaka bwa Katonda mu kifo kino. Jangu Omwoyo Omutukuvu, oyanirizibwa wano.
Nsumulula okwagala n'essanyu n'emirembe n'obugumiikiriza n'ekisa n'obulungi n'obuwombeefu.
n'okukkiriza n'okwegendereza n'obumu.
Mu linnya erya Yesu, nsumulula ebirowoozo okuva mu Bwakabaka bwa Katonda ebinaayamba bakasitoma baffe okubeera obulungi n'okufuula ensi ekifo ekirungi okusinga bwe kibadde.
Nsumulula okuganja mu bakasitoma.
Nsumulula okuganja mu mirimu gyaffe.

Nsabira omukisa okwolesebwa kwaffe:
Bizinensi Esingawo Okuba Ennungi, Ensi
Esingawo Okuba
Ennungi. Mu linnya lya Yesu, amiina.

Nga bwe nnawulira nga nnungamizibwa, nnakolanga akabonero ak'omusalaba ku mulyango gwaffe era mu mwoyo okulangirira obukuumi bw'omusaayi gwa Yesu ku bizinensi yaffe.

Okuva mu kaseera kennyini ke nnakyusa okuva mu kusaba Katonda okuwa omukisa Colmar Brunton okutandika okulangirira nti Nsabira omukisa Colmar Brunton mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, amafuta ga Katonda ne gangwako – nnali mpulira okusanyuka kwa Katonda n'okukakasibwa. Kyaali nga Ye eyali agamba nti, Okitegedde, mutabani; ekyo kye njagala okole. Newankubadde nga kino nteekwa okuba nga nkikoze kampegaano emirundi bikumi na bikumi, bulijjo mbadde mpulira okusanyuka kwa Katonda mu kyo. Ebivuddemu? Embeera mu woofiisi yakyuka, era yakyukira ku misinde gya yiri yiri, okutuuka ku ssa abantu we batuukira okuba nga bakyogerako mu lwatu, n'okwewuunya lwaki

ebintu byaali bikyuse nnyo. Kino mazima ddala kyaali kyewuunyisa! Okusabira omukisa mazima ddala kuyinza okukyusa ensi yaffe.

Naye saakoma awo. Enkeera kumakya, nga woofiisi ekyali njereere, bwe nnatuuka ku ntebe y'omuntu omu eyali yeetaaga amagezi ku lw'embeera emu, nnagiwanga omukisa, nga nzisa emikono ku ntebe eyo, nga nzikiriza nti amafuta ag'okutuukiriza omukisa ogwo gandisenseredde ddala entebe eyo era bwe gatyo ne gakoma ne ku muntu oyo agituulako (Ebikolwa 19:12). Buli lwe nnategeeranga ebyetaago by'abantu eby'enjawulo bye baalina, nnasabiranga omukisa mu ngeri eyo.

Mu ngeri ey'enjawulo nzijukira omuntu eyavvoolanga ng'empisa ye eya bulijjo – kwe kugamba, yakozesanga erinnya lya Katonda nga alayira oba nga alina kye yeewuunyizza. Olunaku olumu kumakya nassa emikono gyange ku ntebe ye, nga nsiba omwoyo gw'okuvvoola, mu linnya lya Yesu. Kyantwalira emirundi egiwerako nga nkikola, naye mu nkomerero ya byonna omuzimu ogwaali emabega w'ekikolwa ekyo

gwalina okufukaamirira amaanyi agagusinga era okuvvoola ne kubulirawo ddala okuva mu bigambo by'omusajja oyo bye yakozesanga ku mulimu.

Nate era nzijukira omusajja eyajja gye ndi mmusabire, ng'ayagala Katonda amuggye mu kifo kye yali akoleramu kubanga buli muntu ku mulimu ogwo yali avvoola. Nze ensonga nnagitunuulira mu ngeri ya njawulo; omusajja ono yaliwo kusabira mukisa ekifo kye gye yali akolera akyuse embeera eyaliyo! Tuyinza okukyusa ensi yaffe.

Nze ntaddewo endowooza nti newankubadde Katonda yeegomba okuwa omukisa abaana b'abantu, yeegomba nnyo okusingawo ffe – abantu Be, abaana Be – okusabira omukisa abaana b'abantu. Waweebwa obuyinza obw'omwoyo. Sabira omukisa!

Kitaffe ow'omu ggulu ayagala naffe twenyigiremu, tukolere wamu naye mu mulimu Gwe ogw'obununuzi. Tuyinza okusabira omukisa abaana b'abantu n'okuwonyezebwa n'okusumululwa, naye era tuyinza okusabira omukisa abaana b'abantu n'ebigambo

byaffe. Ffe bantu Katonda b'akozesa okusabira omukisa ensi. Omukisa guno n'obuvunaanyizibwa ebituweereddwa nga bya njawulo!

Bwe kityo, eri nze, okusabira omukisa kwe kwogera ebiruubirirwa bya Katonda ku bulamu bw'abantu oba ku mbeera nga tukikolera mu kwagala, amaaso nga galaba, nga tugenderera okukikola, nga tukikola n'obuyinza n'amaanyi, okuva mu mwoyo gwaffe ogujjuziddwa Omwoyo Omutukuvu. Mu ngeri ennyangu, okusabira omukisa kwe kukolera mu kukkiriza nga tulangirira ekigendererwa kya Katonda ku lw'omuntu oyo oba embeera eyo. Bwe tulangirira ekindererwa kya Katonda, tusumulula obusobozi Bwe okukyusa ebintu okuva wa we biri okudda awo Ye w'ayagala bibeere.

Era jjukira – tuweebwa omukisa kubanga tusabira omukisa.

EKITUNDU EKY'OKUBIRI:

Engeri y'Okukikola

ENNONO EZIMU ENKULU

Fuula Akamwa Akalongoofu Empisa Eya Bulijjo

> *Mu kamwa akamu mwe muva okutendereza n'okukolimira. Baganda bange ne bannyinaze, ebyo tekibigwanira kubeera bwe bityo (Yakobo 3:10, NLB)*
>
> *Bw'olyatula ebigambo eby'omuwendo so si ebitagasa, oliba ng'akamwa kange. (Yeremiya 15:19b, RSV)*

Bw'oba oyagala okwogera ebigendererwa bya Katonda ku bantu, ekyo kitegeeza nti weetaaga okwewala okwogera ebigambo ebitagasa – oba ebibi okusinga n'ebyo ebitagasa.

Buuza Omwoyo Omutukuvu Ki eky'Okwogera

Siikuula omwoyo gwo (okuyita mu kusinza oba okw-

ogera ennimi). Saba Omwoyo Omutukuvu akuyambe owulire munda mu ggwe okwagala kwa Kitaffe ku lw'omuntu oyo gw'oyagala okusabira omukisa. Saba ebigambo ebiri nga bino:

> *Taata, kiki kye weegomba okwogerwa? Mwattu mpa ekigambo eky'okusabira omukisa ku lw'omuntu ono. Nnyinza ntya okuzzaamu amaanyi oba okusanyusa omusajja ono oba omukazi ono?*

Omukisa nga bwe Gwawukana Okuva Ku Kwegayirira

Abantu abasinga obungi bakizuula nti kizibu okuyiga okwogera emikisa. Batandika okwegayirira, nga basaba Kitaffe okuwa omukisa. Newankubadde kino kintu kirungi okukola, omukisa ogwogeddwa mu ngeri eno eky'amazima eba ssaala, era kikulu okumanya enjawulo ya bino ebibiri. Okwogera oba okulangirira emikisa tekuggyaawo kusaba oba okwegayirira, wabula kuba kutambulira wamu nabyo – birina okusangibwanga bulijjo nga bitambulira wamu.

Omuwandiisi Roy Godwin ne Dave Roberts mu kitabo kyabwe ekiyitibwa *Okufukibwa kw'Ekisa* kino baakyogera bulungi nnyo:

> *Bwe tusabira omukisa, tutunuulira omuntu mu maaso (bwe kiba nga eyo y'embeera) ne twogera butereevu eri omusajja oyo oba omukazi oyo. Eky'okulabirako, tuyinza okwogera ekintu nga, Nkusabira omukisa mu linnya lya Mukama, ekisa kya Mukama Yesu kikuwummulireko. Nkusabira omukisa mu linnya Lye nti okwagala kwa Kitaffe kukwebungulule era kukujjuze; osobole okumanya mu buntu bwo obusinga okubeera ebuziba engeri Ye gy'akukkiriza n'okukusanyukira mu ngeri enzijuvu era etuukiridde.*
>
> *Laba ekigambo ekyogera ku muntu ekiyitibwa Nze. Nze alangirira omukisa mu linnya lya Yesu ku muntu oyo butereevu. Sisabye Katonda ku lw'omukisa wabula njogedde omukisa nga nkozesa obuyinza Yesu bw'atuwa okulangirira omukisa ku bantu bw'atyo Ye alyoke ajje era abawe omukisa.*

Tosala Musango

Tosala musango si nsonga omuntu oyo agwanira omukisa oba tagugwanira. Omukisa ogw'amazima ogwogeddwa ku muntu oba ku kintu, gunnyonnyola engeri Katonda gy'alaba omuntu oyo. Essira lya Katonda teriri ku ngeri omuntu oyo gy'ayinza okulabika mu kaseera kano, wabula libeera ku ngeri gy'alina okubeera.

Eky'okulabirako, Katonda yayita Gidyoni omusajja omulwanyi omuzira (Ekyabalamuzi 6:12) nga, mu kiseera ekyo, yali tali ekyo kyennyini! Yesu yayita Peetero olwazi (Matayo 16:18) nga tannafuna bibegabega okusitula okwesigama kw'abantu abalala ku ye. Ekirala, tusoma nti, *Katonda… azuukiza abafu, era ayita ebintu ebyo ebitaliiwo nga biri nga ebiriwo* (Abaruumi 4:17). Bwe tutegeera kino, kijja kuggyawo empisa yaffe ey'okwetwala nga abalamuzi ku nsonga y'omuntu okuba nga agwanidde omukisa oba nedda.

Abantu gye bakoma okuba nga tebasaanidde mukisa, gye bakoma okugwetaaga. Abantu abasabira omukisa abantu abatagwanira be baweebwa omukisa ogusinga obunene mu kuddira.

Eky'okulabirako Okulaga Ekifaananyi

Tebeereza nti waliwo omuntu ayitibwa Fred alina ekizibu ky'okunywa omwenge. Mukyala Fred si musanyufu naye, bw'atyo oba oli awo ajja kusaba ebigambo nga: *Katonda wa omukisa Fred. Muleteere okulekera awo okunywa omwenge era ampulirize*. Wabula kyandibadde kya maanyi nnyo okukirawo okwogera ebigambo nga bino:

> *Fred, nkusabira omukisa mu linnya lya Yesu. Leka entegeka za Katonda ku bulamu bwo zituukirire. Nsaba ofuuke omusajja, omwami era taata Katonda bye yaluubirira ggwe okuba. Nkusabira omukisa osumululwe okuva mu busibe bw'okunywa omwenge. Nkusabira omukisa n'emirembe gya Kristo.*

Omukisa ogusooka ebizibu gubisindiikiriza eri Katonda. Tegutwala kufuba kwonna – guba munafu. Omukisa ogw'engeri eyo nate era guba gwa kusala musango era guba gwa butuukirivu obw'obuntu, era gussa essira ku bibi bya Fred.

Omukisa ogw'okubiri gwetaagisa okwongera oku-

lowooza n'okwagala okusingawo. Guno teguba gwa kusala musango era gussa essira ku busobozi bwa Fred okusinga embeera ye eya kaakano. Emabega gye buvuddeko nnawulira omuntu omu ng'agamba nti Setaani amanyi erinnya lyaffe n'obusobozi bwaffe naye atuyita kibi kyaffe, so ng'ate Ye Katonda amanyi ekibi kyaffe naye atuyita erinnya lyaffe lyennyini wamu n'obusobozi bwaffe. Omukisa guno ogw'okubiri gusinga kukwatagana na ntegeka n'ebiruubirirwa bya Katonda. Guno gwoleka omutima gwa Katonda omunununzi. Jjukira, Katonda ayagala Fred.

EMBEERA EZ'ENJAWULO ZETUYINZA OKWANG'ANGA OBA OKWANGANGA

Ndi muyizi wa nsonga ekwata ku kusabira omukisa. Bwe nnatandika, nnali simanyi ngeri ya kusabira mukisa era saasisinkana bingi eby'okunnyamba. Era mangu ddala nnatandika okutegeera nti waliwo engeri z'embeera ez'enjawulo, bwe ntyo nno njagala okukuwa ebirowoozo ebiddako wansi. Oyinza okukyusa bino okukwatagana n'ebyetaago by'embeera yo eby'enjawulo, n'okusinziira ku ki ky'okkiriza Omwoyo Omutukuvu ky'ayagala oyogere. Kino kijja kutwala okussa mu nkola buli kiseera, naye kikigwanira.

Okusabira Omukisa Abo Abakuvuma Oba Abakukolimira

Emyaka mingi egiyise, omukozi omu eyali yaakamala okwewummuza yajja mu nnyumba yange okunywamu ka kaawa n'okunsiibula. Enzikiriza ze

zaali zeekuusa ku nsonga z'Omulembe Omuggya – katonda omukazi abeera munda, n'ebiri ng'ebyo. Bwe twaali tunyumya, omukyala ono yagamba nti kkampuni ebbiri ezaasembayo ze yali akoledde, n'azivaamu, zaali ziwunzise nga ziweddemu mu by'ensimbi. Nnali sibadde Mukulistaayo kumala bbanga ggwanvu nnyo mu kiseera ekyo, naye newankubadde kyaali bwe kityo, nnategeera nti ebigambo bye byaali bya kikolimo ekyaali kinoonya okukka kiwummulire mu kkampuni yaffe. Nnawulira munda mu nze okutya okumala obutikitiki butono era oluvannyuma, mu birowoozo byange, ne ngaana okukkiriza okutya okwo. Naye saatwala ddaala ddala ery'okumusabira omukisa. Oluvannyuma lw'okumusaba olukusa okusaba ki ekyaali ku mutima gwange, nnandisobodde okwogera ebigambo nga bino:

> *Deborah (si lye linnya lye ddala), nsiba amaanyi g'eddogo agali mu bulamu bwo. Nkusabira omukisa mu linnya lya Yesu. Nnangirira obulungi bwa Katonda ku bulamu bwo. Nsaba Ebigendererwa bya Katonda ku lw'obulamu bwo okutuukirira… nsabira omukisa ebirabo byo, bisobole okuwa omukisa mukama*

wo gw'oliddako okukolera bigulumize Katonda. Nsaba ofuuke omukazi wa Katonda ow'ekyewuunyo Ye gw'ayagala obeere. Mu linnya lya Yesu, amiina.

Okusabira Omukisa Abo Abakukosa Oba Abakugaana

Olumu nnasabira omukazi eyalina obuzibu mu mpulira ze ne mu by'ensimbi oluvannyuma lw'omwami we okumulekawo. Nnamubuuza oba nga yali asobola okumusonyiwa. Ekyo nno kyaali kizibu naye, ekirungi gy'ali, yakikola. Ne ndyoka mmubuuza oba nga yali asobola okusabira omwami we omukisa. Yasooka n'afunamu okutya, naye nga mwetegefu okukigezaako. Newankubadde omwami we teyaliiwo, nnamukulembera okulangirira ebigambo bino wammanga:

Nkusabira omukisa mwami wange. Nsaba entegeka za Katonda zonna ku lw'obulamu bwo n'obufumbo bwaffe zituukirire. Nsaba ofuuke omusajja, omwami era taata Katonda gw'ayagala obeere. Nsaba ekisa n'okuganja

kwa Katonda bibeere naawe. Mu linnya lya Yesu, amiina.

Kyaali kizibu mu kusooka, naye oluvannyuma n'afuna omutima gwa Taata n'amafuta ga Katonda ne gakka. Fembi twakaaba nga Omwoyo Omutukuvu bwe yaweereza gy'ali era, nzikiriza nti yaweereza eri omwami we mu ngeri y'emu. Amakubo ga Katonda si ge makubo gaffe.

Okusabira omukisa mu mbeera ez'engeri eno kuba kwa mbavu nnyo – kuba kwa maanyi, era – era kwa ngeri ya Kristo.

Okusabira omukisa oyo atagwanira guba mutima gwa Katonda – kiba kikolwa Kye eky'enjawulo, kwe kugamba. Lowooza ku mubbi eyakomererwa ku ludda lwa Yesu, oba omukazi eyakwatibwa mu bwenzi. Ate ggwe nange? Okusabira omukisa si kwa nsi era tekugendera ku kumanya kwa buntu – si kye kintu abantu abali mu mbeera ez'okukosebwa kye bawulira nti basobola okukikolera mu mbeera eya bulijjo. Wabula ngeri ya Katonda, era kuyinza oku-wonya oyo akola ogw'okusabira omukisa ate era

mu ngeri y'emu n'oyo asabirwa omukisa. Okusabira omukisa kusalako embeera y'obukaawu ejjudde obutwa, okuwoolera eggwanga, okuwulira oku-kosebwa munda n'obusungu, ebyandisobodde okukosa omubiri gwo n'okukendeeza obulamu bwo.

Buubuno obubaka bw'amasannyalaze (email) bwe nnafuna okuva ewa Denis gye buvuddeko:

> *Emyezi nga esatu egiyise nnali njogera ne muganda wange ku ssimu. Tetuwuliziganya nnyo nga ye bw'abeera era bw'akolera mu kibuga ekirala.*
>
> *Nga bwe twaali tunaatera okumaliriza emboozi yaffe ey'omukwano, nnamubuuza oba nga yandinzikirizza okusabira omukisa bizinensi gye yali addukanya ne mukyala we. Teyaddamu bulungi. Yali wa bboggo nnyo era n'ayogera ebintu ebimu ebyantabulira ddala, era ne nneewuunya oba nga enkolagana yaffe yali eyonoonekedde ddala obutazzikawo. Wabula, mu nnaku ne mu wiiki ezaddirira, nga bwe nnali ntambuza obulamu bwange obwa buli-*

jjo, nnakozesa ennono z'amaanyi g'okusabira omukisa ageewuunyisa okwogera okuganja kwa Katonda ku bizinenzi ya muganda wange. Emirundi egimu nnakolanga kino emirundi ebiri okutuuka ku esatu olunaku. Oluvannyuma, nga wayiseewo emyezi esatu, ku lunaku olwakulembera Ssekukkulu, muganda wange yankubira essimu nga wali nga awatali kintu kyonna ekibaddewo. Nneewuunya nnyo olw'endowooza ye ey'omukwano ennyo era tewaaliwo kakuubagano konna akaaliwo wakati waffe.

Amaanyi ageewuunyisa ag'okusabira omukisa embeera eziri ebweru w'obufuzi bwaffe gakolera ddala… Mukama yebazibwe!

Okusabira Omukisa Abo Abakunyiizizza

Ekimu ku bintu ebisinga okunyiiza eri abamu ku ffe kibaawo ng'abantu bakoze ebintu eby'okwefaako, obutalowooza ku balala, oba eby'okwekiika mu maaso g'omuvuzi omulala mu nzigotta y'ebidduka. Kino kibaawo ebbanga lyonna. Ebigambo ebitali bya kikulistaayo biyinza okujja mu birowoozo ne bifu-

luma mu kamwa kaffe mu bwangu obw'ekitalo. Kino bwe kibaawo, tuba tukolimira omuntu eyakolebwa Katonda era Katonda gw'ayagala. Katonda ayinziza ddala okulwanirira omuntu oyo.

Omulundi oguddako kino lwe kiribaawo, gezaako okusabira omukisa omuvuzi w'ekidduka akoze ensobi, ekifo ky'okwogera ebigambo eby'obusungu:

> *Nsabira omukisa omuvubuka oyo annyingiridde (anneesoose mu maaso we nnandibadde). Nnangirira okwagala Kwo ku ye, Mukama. Nsumulula obulungi Bwo ku ye n'ebigendererwa Byo byonna ku lw'obulamu bwe. Nsabira omukisa omuvubuka ono era nkowoola obusobozi bwe. Mmusabira atuuke bulungi eka era abeere mukisa eri ab'omu maka ge. Mu linnya lya Yesu, amiina.*

Oba mu ngeri etali nnambulukufu nnyo:

> *Kitange, nsabira omukisa omuvuzi w'emmotoka eyo, mu linnya lya Yesu. Nsaba okwagala Kwo kumugoberere era kumuyise era kumukwate!*

Omu ku basomi bange yalaba ekintu ekyewuunyisa:

> *Ekintu kye ndabye kiri nti okusabira omukisa kunkyusizza. Siyinza kumala okusabira omukisa abantu abannyiizizza, eky'okulabirako, ate ne mmala ne njogera – ne bwe kuba kulowooza – ebirowoozo ebikyamu eri bo. Ekyo kyandibadde kikyamu. Mu kifo ky'ekyo mba nnindirira ebibala ebirungi okuva mu mukisa gwe nnasabye… – Jillian*

Olumu nnalina mukwano gwange eyali ayitibwa Yokaana eyannyaniriza okusabira oluyombo lw'amaka olwaali lukwata ku busika. Oluyombo luno lwaali lugenda mu maaso era nga lweyongera obutasanyusa. Nnaleeta ekiteeso nti ekifo ky'okusaba, embeera eyo tugirangirireko omukisa.

> *Tulangirira omukisa ku mbeera eno ey'okukaayanira obusika buno mu linnya lya Yesu. Tulumbagana okwesalamu, okulwanagana n'okuyombagana era tusumulula amazima n'obwenkanya n'okutabagana. Nga bwe tusabira omukisa embeera eno, tussa ku mabbali ebirow-*

oozo byaffe n'okwegomba kwaffe era tusumulula Katonda okussa mu nkola ebiruubirirwa Bye ku lw'okugabanyaamu obusika buno. Mu linnya lya Yesu, amiina.

Mu nnaku ntono ezaddirira ensonga yagonjoolwa mu ngeri ya kutegeeragana.

Njagala ki omusomi wange omulala kye yangamba:

Nnewuunyizza nnyo olw'obwangu obw'-okwanukulirwamu bwe ndabye mu kusabira abalala omukisa. Kirabika nga Mukama eye-etegese okufuluma mu kwagala eri abantu singa tusumulula essaala z'okubawa omukisa ku bo – Omusumba Darin Olson, Junction City, Oregon Nazarene Church.

Okusabira omukisa mazima ddala kuyinza okukyusa ensi yaffe.

OKWEEWA OMUKISA, EKIFO KY'OKWEKOLIMIRA

Okuvumbula n'Okumenya Ebikolimo

Ebirowoozo nga bino bitera kubeera mu bantu bameka: Ndi mubi, Ndi musiru, Sirina bukugu bwa ngeri yonna, Ndowooza mpola, Teri muntu anjagala, Katonda tayinza kunkozesa, Ndi mwonoonyi…? Waliwo obulimba bungi nnyo Setaani bw'atuleetera okukkiriza.

Nnina mukwano gwange akola kino ebbanga lyonna, era kinkwasa ennaku. Ai, muwala ggwe omusiru, Rose (si lye linnya lye erya ddala). Ebintu obyonoonye nate. Tolina kintu kituufu ky'oyinza okukola…

Toddingana oba okukkiriza ebikolimo bino! Mu kifo ky'ekyo, weesabire omukisa.

Nzijukira embeera emu ey'akabinja ak'okusaba. Nnalaba omuzimu ogw'obutaba na mugaso ogwaali

ku mukyala omu eyali azze okumusabira. Wakati mu ssaala, omukyala ono yagamba nti, Nze ndi musiru. Ne mmubuuza wa gye yali awulidde ebigambo ebyo. N'angamba nti abazadde be be baali babimwogeddeko. Nga kya nnaku… ate nga kitera okubaawo.

Nnamulungamya mu bigambo bino:

> *Mu linnya lya Yesu, nsonyiwa abazadde bange. Nange nnesonyiwa. Mmenya ebigambo abazadde bange nange bye twayogera ku bulamu bwange. Nnina ebirowoozo bya Kristo. Ndi mugezi.*

Twagobera ddala emizimu gy'okugaanibwa n'obutaba na mugaso, era ne ndyoka mmusabira omukisa ne nnangirira ku bulamu bwe nti yali mumbejja wa Katonda, nti yali wa muwendo gy'ali, nti Katonda yali agenda kumukozesa okusabira abalala omukisa, okuleeta okuwonyezebwa mu mpulira ey'omunda eri abo abakoseddwa n'essuubi eri abalala. Nnamusabira omukisa nga nnina obuvumu.

Mpola mpola yayingiza omukisa guno mu ye.

Yatandika okwakaayakana. Wiiki eyaddako n'agamba nti omukisa ogwo gwaali gumukoze bulungi nnyo. Ffe mazima ddala tuyinza okukyusa ensi yaffe.

Omuntu yenna ayinza okukola kino. Baibuli ejjudde ebigendererwa bya Katonda ku lw'abantu era tuyinza okulangirira ebigendererwa bino ku bulamu bwabwe.

Nnandyagadde okugabana eky'okulabirako ekirala. Nnasabira omukyala omu gye buvuddeko eyalina obulumi mu lubuto. Nga bwe nnasaba, Omwoyo Omutukuvu yamugwako ne yeefunya nga emizimu bwe gyaali gimuvaamu. Embeera yali nnungi okumala ennaku ntono ate obulumi ne bukomawo. Lwaki, Mukama? bwe yabuuza. Yawulira munda mu ye nga Omwoyo Omutuikuvu amujjukiza nti gye bwaali buvuddeko emabega, bwe yali mu lusiisira, omuntu omu yali amugambye nti yalina okukakasa nti afumba bulungi enkoko oba si ekyo abantu baali ba kulwala. N'addamu n'agamba nti yali tayagala kulwala mu nnaku ntono eziddako (ezaali zimalako olukungaana), naye oluvannyuma lw'ekyo tewandibaddewo buzibu. Yalina okumenya amaanyi

g'ebigambo ebyo ebitaali bya kwegendereza, era amangu ddala n'addamu n'awona.

Okusabira Omukisa Akamwa Ko

> *Nsabira omukisa akamwa kange okwogera ebigambo eby'omuwendo so si ebitagasa, n'okubeera ng'akamwa ka Mukama (nga mbyesigamya ku Yeremiya 15:19).*

Bingi ku by'amagero bya Yesu byakolebwa lwa kwogera bwogezi. Eky'okulabirako, Yesu yagamba omukungu wa kabaka nti, Genda, omwana wo mulamu (Yokaana 4:50). Njagala ekyo. Eyo ye nsonga lwaki nsabira omukisa akamwa kange n'okukuuma ebyo ebikavaamu.

Mukyala wange nange olumu twaali tusula mu wooteeri mu Noumea. Twaali tusobola okuwulira omwana omuwere ng'akaaba kumpi obutasalako okuyita mu kiro kyonna. Bwe waayitawo ebiro ebiwerako ebya kino, mukyala wange n'agenda ku mwaliiro gwe gumu ku kizimbe ekirala ekyali kikwataganye

n'ekyaffe n'abuuza maama w'omwana ekikyamu ekyaliwo. Omukazi yali tamanyi naye n'agamba nti omusawo yali amuwadde eddagala erigoba ebiwuka lya mirundi esatu naye nga terikola. Mukyala wange n'amubuuza oba nga nnali nsobola okumusabira era n'akkiriza, newankubadde mu ngeri ya kubuusabuusa. Bwe ntyo mu Lufalansa lwange olwa bulijjo ennyo, ne nsabira omwana n'okwogera mu kukkiriza ku bulamu bwe, nti yeebake nga omwana omuwere ddala. Era yeebakira ddala otulo.

Okusabira Omukisa Ebirowoozo Byo

Ntera okwogera nti,

> *Nsabira omukisa ebirowoozo byange; nnina ebirowoozo bya Kristo. N'olw'ekyo, ndowooza ebirowoozo Bye. Nsaba ebirowoozo byange bibeere ekifo ekitukuvu Omwoyo Omutukuvu mw'asanyukira okutuula. Nsaba ebirowoozo byange okutwala ebigambo by'okumanya n'amagezi n'okubikkulirwa.*

Mu biseera eby'enjawulo, ntawaana n'obulongoofu

bw'ebirowoozo byange, era nkisanga nga kino kiyamba. Nate era nsabira omukisa okufumiitiriza kwange, nti kusobole okukozesebwa olw'obulungi so si lwa bubi. Nnali nnina obuzibu obumu n'okufumiitiriza kwange olunaku lwa luli – kwaali kuwaba nga kugenda mu bifo ebya buli ngeri gye nnali saagala kugende – era Katonda n'ankomako n'ebigambo bino nti, *Laba mu kufumiitiriza kwo Yesu nga akola eby'amagero Bye … oluvannyuma naawe weerabe nga obikola*. Nkizudde nga kikola nnyo okulowooza ku kintu ekirungi (Abafiripi 4:8) okusinga okulowooza ku butalowooza ku kintu! N'okusabira omukisa ebirowoozo byo n'okufumiitiriza kwo kuyamba nnyo mu kutuuka ku kigendererwa eky'obutukuvu.

Olumu bwe nnali nga mpulira nga mpweddemu amaanyi olw'okulemererwa mu bulamu bwange obw'ebirowoozo, ebigambo by'oluyimba olukadde ne bisitukira mu mutima gwange:

> *Beera okwolesebwa kwange, Ai Mukama w'omutima gwange*
> *Tobeera kintu kirala kyonna gye ndi okujjako nga Ggwe nsonga enkulu.*

Ggwe kirowoozo kyange ekisinga okuba ekirungi emisana oba ekiro, nga nzuukuse oba nga nneebase, Okubeerawo Kwo gwe musana gwange.

Okuwa Omukisa Emibiri Gyaffe

Omanyi olunyiriri olugamba nti: *Omutima omusanyufu gukola bulungi, ng'eddagala* (Engero 17:22)? Baibuli egamba nti emibiri gyaffe gyanukula eri ebigambo n'ebirowoozo ebirungi:

Nsabira omukisa omubiri gwange. Leero mmenya nga nneggyako obunafu bwonna. Nsabira omukisa okubeera kwange obulungi mu mubiri.

Olumu nnalaba akatambi k'omusajja eyalina ekizibu ky'omutima eky'amaanyi. Omusuwa gwe ogumu gwaali guzibikidde. Yasabira emisuwa gye omukisa okumala ebbanga lya myezi esatu, nga agirangirira okubeera nga gyakolebwa mu ngeri ya ntiisa era ya kyewuunyo. Bwe yaddayo eri omusawo, kyavumbulwa nti mu ngeri ey'eky'amagero yali afunye omusuwa omuggya!

Nnalowooza nti nandigezezzaako kino ku lw'olususu lwange. Nnalina ekizibu ky'okwonoonebwa omusana okuviira ddala mu buvubuka bwange. Kaakano mu myaka gyange egy'obukadde, obuzimbazimba obutonotono bwatutunukangayo ku bibegabega byange ne mu mugongo gwange, obwetaaganga okunnyogozebwa buveeko buli myezi mitono egyayitangawo. Ne nsalawo okusabira omukisa olususu lwange. Mu kusooka nnalusabira busabizi mukisa mu linnya lya Yesu. Naye ate oluvannyuma ne nsoma ekintu ekyali kikwata ku kikula ky'olususu, ekyakyusa endaba yange. Nnakitegeera nti, newankubadde nnali nga mbikkiddwako olususu, nnali simanyi bingi ebikwata ku kitundu ekisinga obunene mu mubiri gwange. Nnali nkyogeddeko, naye nnali soogerangako gye kiri. Era mbuusabuusa nti nnali njogedde ekintu kyonna ekirungi ekikikwatako – mu kifo ky'ekyo nneemulugunyanga. Nnali nzijudde obuteebaza.

Naye olususu lwewuunyisa. Olususu ye ntegeka ey'okuyingiza n'okufulumya empewo ate era n'okukola ku by'obuyonjo. Lukuuma omubiri guleme kulumbibwa obuwuka era lwewonya lwokka.

Olususu oba eddiba libikka n'okukuuma ebitundu byaffe byonna eby'omunda era likikola mu ngeri nnungi nnyo.

> *Webaze Katonda ku lw'olususu – enkanyanya ne byonna. Nkusabira omukisa, olususu.*

Oluvannyuma lw'emyezi egiwerako egy'engeri eno ey'okusabira omukisa, olususu lwange kaakano kumpi luwonyezeddwa, naye ensonga enkulu yaliwo bwe natandika okusiima n'okwebaza ku lwalwo. Lwakolebwa mu ngeri ya ntiisa era ya kyewuunyo. Kino kya kuyiga ddala. Okwemulugunya kugoba obwakababaka bwa Katonda; okwebaza kubusika.

Buubuno obujulizi okuva eri mukwano gwange, David Goodman:

> *Emyezi mitono egiyise, nnawulira Richard ng'abuulira ku ssomo ly'okusabira omukisa – essomo eritalina buzibu bwonna, naye eryo eryawulikika obulungi olw'ensonda gye lyava. Okuwunzika kw'essomo eryo kwaali nti omukisa tegwetaaga kuba kintu kye tusaba*

Katonda okutuwa, naye nti ffe ng'Abakulistaayo tulina obuyinza, bwe butaba buvunaanyizibwa, okutwala ebweru mu nsi eno eyagwa era, ng'ababaka ba Kristo, tukole enjawulo mu bulamu bw'abantu bassekinnoomu abalala ku lw'obwakabaka bwa Katonda. Tusobola okufuluma ne tusabira omukisa mu bulamu bwabwe, ne tubikkula Kristo gye bali mu kiseera kye kimu.

Ekirowoozo kino kirungi omuntu bw'aba alowooza ku balala, naye ekirowoozo kino kyandeetera okukaluubirirwa bwe nnalina okulowooza okwesabira omukisa. Nnali sisobola kweggyako kirowoozo kino nti nnali sisaanidde, nti nnali nneefaako nzekka, nti nnali mmanyiira Katonda. Ebirowoozo byange byakyuka bwe nnalaba nti, ffe ng'Abakulistaayo, tuli bitonde biggya, twazaalibwa omulundi ogw'okubiri era twatondebwa olw'ekiruubirirwa ekyo Katonda kye yatuteekerateekera. Ekyo nga bwe kiri bwe kityo, omubiri gwe tulina kaakano gwe tulina okutwala nga eky'omuwendo n'okulabirira – tuli kaakano, ndaba era, yeekaalu ku lw'ebifo Omwoyo Omutukuvu mw'atuula.

Ebyo nga biwedde okwogerwa, nnatandika okunoonyereza okumpi – buli lunaku lwe nnazuukukanga, nnasabiranga omukisa ekitundu ekimu eky'omubiri gwange, ne nkyebaza olw'omulimu gwakyo; ne nkitendereza olw'omulimu gwe kikoze obulungi. Natenderezanga engalo zange olw'obukugu bwazo, olw'obusobozi bwe zirina mu kukola emirimu gyonna egizeetaagisa n'okukirawo. Natenderezanga n'okwebaza amagulu gange olw'omulimu ogw'obutakoowa ogw'okuntambuza n'obwangu, olw'obusobozi bwago okukolera mu bumu. Natendereza omubiri gwange ku lw'ebitundu byonna okukolera awamu obulungi. Ekintu kimu ekitali kya bulijjo kye kyava mu kino.

Kubanga nnawulira bulungi nnyo mu mubiri ne mu birowoozo, nakyusa ebirowoozo byange ku bulumi obumu bwe nnali mbadde nabwo okumala emyezi mu kitundu ekya wansi eky'omukono gwange – obulumi obwalabika okubeera mu ggumba era eryali lyetaaga okusiimuulwanga entakera waakiri okukendeezako ku kutuggya

okutakoma. Nassa essira ku kitundu kino, nga ntendereza omubiri gwange ku lw'obusobozi bwagwo obw'okuwona, olw'obugumu bwagwo okuwangula ebintu ebyo ebigukasukirwa, olw'obuwagizi ebitundu ebirala bwe bisobola okuwa nga okuddaabiriza bwe kusobola okukolebwa ku kitundu ekirala. Kyatwala ebbanga nga lya wiiki ssatu zokka oluvannyuma bwe nnazuukuka olunaku olumu kumakya ne nkitegeera nti nnali sikyawulira bulumi bwonna mu mukono gwange; nti obulumi bwali buweereddewo ddala era tebukomangawo.

Nnatuuka okutegeera nti newankubadde mazima ddala waliwo ekiseera n'ekifo ku lw'ekirabo ky'okuwonya okukozesebwa okuyita mu kukkiriza ku lw'obulungi bw'abalala, waliwo nate era ekkubo eddala eriggule gye tuli nga bassekinnoomu okukozesa ekirabo ky'okuwonya mu ffe fennyini. Lino ssomo mu bwetoowaze, nti tuyinza okwesiga ki Katonda ky'awadde emibiri gyaffe emiggya, nti tuyinza okugenda mu maaso n'obuvumu mu ngeri y'obulamu empya era ennamu.

Okusabira Omukisa Amaka Go, Obufumbo Bwo n'Abaana Bo

Ennyumba yo – Omukisa gw'Ennyumba

Kiba kirowoozo kirungi okusabira omukisa ennyumba yo n'okuzza obuggya omukisa ogwo waakiri omulundi gumu omwaka. Okusabira omukisa ekifo gy'obeera kiri mu kukozesa buyinza bwo obw'omwoyo mu Kristo Yesu okuwaayo n'okwawula ekifo ekyo eri Mukama. kuba kwaniriza Omwoyo Omutukuvu okujja, n'okuwaliriza buli kintu ekirala kyonna ekitali kya Katonda okugenda.

Amaka tekitegeeza bbulooka zokka na musenyu ogulimu seminti – galina n'obuntu. Mu ngeri y'emu nga bw'okkirizibwa mu mateeka okuyingira mu nnyumba yo kaakano, omuntu omulala eyakusooka mu nnyumba eyo yalina obuyinza okugiyingiramu, ggwe nga tonnaba kugiyingira. Ebintu biyinza okuba nga byaliwo mu kifo ekyo ebyaleeta emikisa oba ebikolimo. Si nsonga kiki ekyaliwo, obuyinza bwo bwe busalawo embeera y'omwoyo eneeba ya ngeri ki okuva kaakano okweyongera mu maaso. Bwe wabaawo okukola kw'emizimu okukyagenda mu

maaso okuva ku bwannannyini obwasooka, kirabika nga ojja kukumanya – era kiri gy'oli okugoba n'okufulumya amaanyi gano.

Kya mazima ddala, olina okulowooza ku maanyi ga mizimu ki g'oyinza ggwe wennyini mu butamanya okuba nga ogagguliwo oluggi okuyingira mu nnyumba yo. Olina ebifaananyi ebisiige ebitali bya bwakatonda, obubumbe, ebitabo, ennyimba oba Obuggyo obuliko ebifaananyi by'ekizikiza? Pulogulaamu za TTIVVI ki z'okkiriza okuyingira? Waliwo ekibi mu maka go?

Guuguno omukisa omwangu gw'oyinza okusaba nga bw'otambula okuyita mu nnyumba yo kisenge ku kisenge:

> *Nsabira omukisa ennyumba eno, amaka gaffe. Nnangirira nti ennyumba eno ya Katonda, njiwaayo eri Katonda era ngissa wansi w'Obukama bwa Yesu Kristo. Eno nnyumba ya mukisa.*
>
> *Mmenya buli kikolimo mu nnyumba eno n'omusaayi gwa Yesu. Ntwala obuyinza ku buli*

ngeri ya muzimu era ku mizimu gyonna mu linnya lya Yesu era ngiragira okugenda kaakano era obutadda nate. Ngoba buli muzimu ogw'okusika omuguwa, ogw'okweyawulamu n'okutabulatabula. Ngoba omuzimu ogw'obwavu.

Jangu Omwoyo Omutukuvu ofulumye buli kintu ekitali kikyo. Jjuza ennyumba eno n'okubeerawo Kwo. Leka ebibala byo bijje: okwagala, essanyu, emirembe, ekisa, obugumiikiriza, obulungi, obuwombeefu, okukkiriza n'okwegendereza. Nsabira ennyumba eno omukisa n'emirembe egikulukuta n'okwagala okweyongerayongera. Nsaba nti bonna abajja wano bawulire okubeerawo Kwo era baweebwe omukisa. Mu linnya lya Yesu, amiina.

Ntambudde okwetoloola ensalosalo y'ebintu byange, nga mbisabira omukisa era mu mwoyo nga nnangirira omusaayi gwa Yesu Kristo ku lw'obukuumi bw'ebintu byange, n'abantu ababirimu, okuva eri obubi bwonna n'okuva mu bigwa nga tebiraze.

Obufumbo Bwo

> *Tulina ekika ky'obufumbo bwe tusabira omukisa oba tulina ekika ky'obufumbo bwe tukolimira.*

Bwe nnasooka okusoma ebigambo bino mu kitabo ekiyitibwa *Amaanyi g'Okusabira Omukisa* ekyawandiikibwa Kerry Kirkwood, nneewuunya nga nneebuuza nti Kino kituufu?

Mbirowoozezzaako nnyo, era nzikiriza nti ebigambo bino bya mazima – obutaba na ssanyu obw'engeri yonna n'obufumbo bwaffe oba n'abaana baffe kibaawo lwa kuba ffe tutabasabira mukisa! Olw'okusabira omukisa, tuweebwa obulungi bwa Katonda bwe yagenderera eri ffe mu kigera eki-jjuvu – nga omwo mwe muli obulamu obuwanvu n'emikwano emirungi. Tufuuka abagabanira awamu, n'ekyo kye tusabira omukisa n'oyo gwe tusabira omukisa.

Weekuume ebikolimo. Abaami n'abakyala abafumbo bamanyiganyi bulungi nnyo. Tumanyi amapeesa gonna agookya. Ggwe oyogera ekintu kyonna ekiri

nga kino? Ebintu eby'engeri eno byaali bikwogeddwaako? Ggwe towuliriza; Weerabiralabira; Ggwe tosobola kufumba; Ggwe tolina ssuubi n'akamu… Bwe byogerwa emirundi emingi ekimala, ebigambo eby'engeri eno bifuuka bikolimo era bifuuka bya ddala.

Tokolimira, sabira mukisa. Jjukira, bw'okolimira (bw'oyogera ebigambo by'okufa) togenda kusikira mukisa Katonda gw'ayagala ku lulwo. Ekibi okusinga ku ekyo, okukolimira kutukosa okusinga oyo gwe tuyinza okuba nga tukolimira. Eyo eyinza okuba ensonga emu lwaki essaala teziddibwamu?

Okuyiga okusabira omukisa kuyinza okuba nga okuyiga olulimi oluggya – nga tebitegeerekeka mu kusooka. Eky'okulabirako,

> *Nicole, nkusabira omukisa mu linnya lya Kitaffe, Omwana n'Omwoyo Omutukuvu. Nkusumululirako obulungi bwa Katonda bwonna. Nsaba nti ebigendererwa bya Katonda ku lw'obulamu bwo bituukirire.*

Nsabira omukisa ekirabo kyo eky'okusisinkana n'okwagala abantu, ekirabo kyo eky'okwaniriza abantu n'essanyu. Nsabira omukisa ekirabo kyo eky'okuleetera abantu okuwulira obulungi. Nnangirira nti oli muntu alabirira abantu ba Katonda, nti osembeza abantu nga Ye bwe yandibasembezza. Nkusabira omukisa oweebwe amaanyi okusigala nga okola kino ne mu myaka gyo egy'oluvannyuma. Nkusabira omukisa oweebwe obulamu obulungi n'obuwangaazi. Nkusabira omukisa oweebwe amafuta ag'essanyu.

Abaana Bo

Waliwo engeri nnyingi ez'okusabira omwana omukisa. Yiino engerio gye nsabiramu omukisa muzzukulu wange omuwala, aweza emyaka ena egy'obukulu:

Ashley, nsabira obulamu bwo omukisa. Nsaba ofuuke omukazi wa Katonda ow'ekyewuunyo. Nsabira ebirowoozo byo omukisa okusigala nga otegeera n'okuba n'amagezi n'okwawula obulungi n'obubi mu kusalawo kwonna. Nsabira

omubiri gwo omukisa gusigale nga mulongoofu okutuusa lw'olifumbirwa n'okubeera omulamu era ogw'amaanyi. Nsabira omukisa emikono gyo n'ebigere byo okukola omulimu Katonda gwe yakuteekerateekera okukola. Nsabira omukisa akamwa ko. Nsaba koogere ebigambo by'amazima n'okuzzaamu amaanyi. Nsabira omukisa omutima gwo okubeera ogw'amazima eri Mukama. Nsabira omukisa oyo aliba omwami wo n'obulamu bw'abaana bo b'olizaala babeere n'obugagga n'obumu. Njagala buli kintu ekikukwatako, Ashley, era nneenyumiriza okubeera jjajjaawo.

Kya mazima, omwana bw'aba nga atawaanyizibwa mu nsonga emu tusobola okumusabira omukisa okusinziira. Bw'akisanga nga kizibu okuyigira ku ssomero, tuyinza okusabira omukisa obwongo bwe okujjukira amasomo n'okutegeera endowooza eziri emabega w'ebyo by'asomesebwa; bw'aba nga ayisibwa bubi, tuyinza okumusabira omukisa okukula mu magezi ne mu mubiri ne mu kuganja ne Katonda n'abaana abalala; n'ebirala.

Nzijukira okwogera n'omukazi wa Katonda ow'ekyewuunyo ku bikwata ku muzzukulu we omulenzi. Buli kintu kye yayogera ekimukwatako kyassa essira ku nsobi ze, endowooza ye ey'obujeemu, n'ebizibu by'enneeyisa bye yali alina ku ssomero. Yali asindikiddwa mu lusiisira okumuyamba okumutereeza, era yali azziddwaayo eka nate kubanga yali atawaanya nnyo.

Oluvannyuma lw'okumuwuliriza okumala akaseera, ne ngamba omukazi oyo nti mu butali bugenderevu yali akolimira muzzukulu we oyo omulenzi okuyita mu ngeri gye yali amwogerako, era nti yali amusiba mu kkomera n'ebigambo bye yali ayogera. Bw'atyo kwe kulekera awo okwogera ebigambo ebibi, era mu kifo ky'ekyo n'akigenderera okumusabira omukisa. Omwami we, jjajja omusajja ow'omulenzi oyo, naye n'akola ekintu kye kimu. Nga waakayitawo ennaku ntono, omulenzi yali akyukidde ddala, nga azzeeyo mu lusiisira era nga akola bulungi. Twogera ku kwanukula okw'amangu eri amaanyi g'okusabira omukisa ageewuunyisa!

Ekimu ku bintu ebisinga okuba eby'ekyewuunyo

taata by'ayinza okusabira abaana be gwe mukisa gwa taata. Nnayiga ebikwata ku nsonga eno okuva mu kitabo ekiyitibwa *Omukisa Gwa Taata* ekyawandiikibwa Frank Hammond, ekitabo eky'ekyewuunyo ddala. Awatali mukisa gwa taata bulijjo wabaawo empulira ey'ekintu ekiba kibulawo – omuwaatwa gussibwawo ekintu ekirala kyonna gwe kitayinza kujjuza. Bataata, musse emikono gyammwe ku baana bammwe, n'abantu b'omu nnyumba zammwe abalala (eky'okulabirako, teeka omukono gwo ku mutwe gwabwe oba ku bibegabega byabwe) era obasabirenga omukisa entakera. Vumbula ebintu ebirungi Katonda by'agenda okukukolera wamu nabo.

Buli lwe ngabana obubaka buno, mbuuza abasajja n'abakazi abakulu ekibuuzo kino, Abantu bameka wano abaali bassiddwaako emikono bakitammwe ne babasabira omukisa? Abantu batono nnyo abagolola emikono gyabwe. Oluvannyuma lw'ekyo, nkyusa ekibuuzo ne ndyoka mbuuza nti: Abantu bameka abali wano abatassibwangako mikono gya bakitammwe okubasabira omukisa? Kumpi buli muntu asitula omukono gwe.

Ne ndyoka mbuuza oba nga bayinza okunzikiriza okubeera taata waabwe ow'omwoyo ow'akaseera ako – nga nnyimirira mu kifo kya bakitaabwe – bwe ntyo nsobole, mu maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu, okubasabira omukisa n'omukisa gwe batasabirwangako. Okwanukula bulijjo kubadde kunsukkiririrako: amaziga, okusumululwa, essanyu, okuwonyezebwa. Kyewuunyisa!

Bw'oba ng'oyaayaanira omukisa gwa taata, nga nange bwe nnaguyaayaanira, kale yogera ebigambo bino n'eddoboozi ddene nga obyatulira ku bulamu bwo. Guno gwe mukisa gwe nnafuula ogwange okuva mu kitabo kya Frank Hammond.

Omukisa Gwa Taata

> *Mwana wange, nkwagala! Oli wa njawulo. Oli kirabo okuva eri Katonda. Nneebaza Katonda olw'okunzikiriza okubeera taata gy'oli. Nkwenyumiririzaamu era nkusanyukira. Era kaakano nkusabira omukisa.*

Nkusabira omukisa n'okuwonyezebwa okw'-ebiwundu byonna eby'omutima – ebiwundu eby'okugaanibwa, okulekebwa ettayo n'okuyisibwa obubi by'obonyeebonye. Mu linnya lya Yesu, mmenya amaanyi ag'ebigambo byonna eby'ettima n'obutali bwenkanya ebyakwogerwako.

Nkusabira omukisa n'emirembe egikulukuta, emirembe egyo Omulangira w'Emirembe yekka gy'asobola okuwa.

Nsabira omukisa obulamu bwo n'okubala ebibala: ebibala ebirungi, ebibala ebingi era ebibala ebinywerera.

Nkusabira omukisa n'obuwanguzi. Ggwe oli mutwe so si mukira; oli waggulu so si wansi.

Nsabira omukisa ebirabo Katonda by'akuwadde. Nkusabira omukisa n'amagezi okukola okusalawo okulungi n'okuzimba obusobozi bwo obujjuvu mu Kristo.

Nkusabira omukisa n'okukulaakulana okukulukuta, okukusobozesa okubeera omukisa eri abalala.

Nkusabira omukisa n'okukoma ku bantu mu by'omwoyo, kubanga oli musana gwa nsi era munnyo gwa nsi.

Nkusabira omukisa n'obuziba bw'okutegeera okw'omwoyo n'okutambula okw'oku lusegere ne Mukama wo. Tolyesittala oba okusagaasagana, kubanga Ekigambo kya Katonda kinaabanga ttabaaza eri ebigere byo era omusana eri ekkubo lyo.

Nkusabira omukisa olabe abakazi n'abasajja nga Yesu bwe yabalaba era bw'abalaba.

Nkusabira omukisa okulaba, okuggyayo n'okujaganya zzaabu ali mu bantu, so si nfuufu eri mu bo.

Nkusabira omukisa okusumulula Katonda ku mulimu gwo – si kujulira bujulizi, oba okus-

saawo eky'okulabirako eky'embala ennungi, naye era okugulumiza Katonda n'obusukkulumu n'obuyiiya bw'omulimu gwo.

Nkusabira omukisa n'emikwano emirungi. Olina okuganja ne Katonda n'abantu.

Nkusabira omukisa n'okwagala okweyonger-ayongera era okukulukuta, okuva mu kwo mw'onooweererezanga ekisa kya Katonda eri abalala. Ojja kuweerezanga ekisa kya Katonda ekisanyusa eri abalala. Oweereddwa omukisa, mwana wange! Oweereddwa omukisa n'emikisa gyonna egy'omwoyo mu Kristo Yesu. Amiina!

Obujulizi bw'Omuwendo ogw'Omukisa gwa Taata

Nnakyusibwa olw'omukisa gwa taata. Okuva lwe nazaalibwa nnali siwuliranga ku bubaka bwa ngeri eyo nga bubuulirwa. Saafunako mukisa gwa kitange mu mubiri okwogera mu bulamu bwange okutuusa we ndi kaakano. Katonda akukozesezza, Richard, okuntuusa mu kifo we nneetaagira okusaba n'okuba ne taata

ow'omwoyo okulangirira emikisa gya taata ku bulamu bwange. Bwe wasumulula omukisa gwa taata eri omwana, omutima gwange gwasanyusibwa era kaakano ndi musanyufu era mpeereddwa omukisa – Omusumba Wycliffe Alumasa, Kenya.

Lwaali lugendo luwanvu era oluzibu nga mpita mu mbeera ey'okunyigirizibwa; olutalo olwalwanibwa mu ngeri eziwerako – mu birowoozo, mu mwoyo, n'omubiri. Okuwonya ebyayita byange yamaliriza nga nsonga nkulu nnyo era tewaaliwo ddaala ddala eryali lisinga obukulu okusinga okusonyiwa kitange – si ku lw'ebintu byokka ebikosa bye yali akoze mu biro ebyayita naye okusingira ddala ku lw'ebintu bye yali takoze – bye yali abuusizza amaaso. Kitange teyangambako nti anjagala. Yalina ekisenge ky'empulira ekyamuziyizanga. Yali tasobola kufuna bigambo bya kwagala, okufaayo n'okukoma ku mpulira eby'okwogera – newankubadde nnalina okuyaayaana mu mmeeme yange okubiwulira.

Newankubadde okuyita mu lugendo lw'okusonyiwa n'okuwonyezebwa okw'omunda okunyigirizibwa kwange nga kwaggwaawo, nnali nkyalina obubonero obumu obw'omubiri – akasinga obunene nga kaali bulumi mu lubuto. Nnali mbuuliddwa eddagala ery'okukozesa n'eby'okulya bye nnalina okulyanga okuva eri omusawo wange, ebyayambako naye ekitono ddala, bye nnagambibwa nti byaali bya kukwatirira ku mbeera eyo, ekifo ky'okumpa eddagala ery'okumponyeza ddala.

Mukwano gwange omu, Richard, yali amaze ekiseera nga ambuulira engero ezikwata ku mukisa gwa taata, n'abantu engeri gye baayanukulangamu. Ekintu ekimu mu mwoyo gwange kyakwata ekirowoozo kino. Nnategeera amazima nti newankubadde nnali nsonyiye kitange olw'omuwaatwa gwe yali aleseewo, eky'amazima kyaali nti nnali sijjuzza muwaatwa ogwo oba okumatiza okuyaayaana kw'emmeeme yange.

Era bwe kityo bwe kyaali. Olunaku olumu

kumakya nga ndi mu wooteeri, nga bwe ndya eky'enkya, Richard n'akola obuvunaanyizibwa kitange bw'ataatuukiriza n'ampa omukisa nga mutabani we. Omwoyo Omutukuvu yang-wako n'asigala nange olunaku olwo lwonna. Yali mbeera nnungi nnyo era ekitundu ekyo eky'emmeeme yange ekyaali kikaaba kyafuna emirembe.

Ekyavaamu kye nnali sisuubira weewaawo kyaali nti obulumi mu lubuto lwange obwali tebusalako bwaggwerawo ddala. Eddagala lyange n'eby'okulya by'omusawo bye yali angambye okwekuumirako ne bisuulibwa ebweru. Emmeeme yange bwe yafuna kye yali eyaayaanira, n'omubiri gwange ne guwonye-zebwa – Ryan

Okusabira Omukisa Abalala ng'Osumulula Obunnabbi

Newankubadde mpadde eby'okulabirako okukuy-amba okufuna w'otandikira, kirungi okubuuza Omwoyo Omutukuvu okukuyamba okubeera

ng'akamwa ka Katonda, ng'olangirira n'okusumulula ekigendererwa kya Katonda eky'enjawulo oba ekigambo ekyetaagisa mu kiseera ekimu omuntu ky'ayinza okwesangamu (ekigambo ekituufu mu kiseera ekituufu). Embeera bw'eba nga ekkirizza, tegeka omwoyo gwo n'okusabira mu nnimi oba okusinza. Oyinza okutandika nga okozesa eby'okulabirako eby'enjawulo waggulu, naye weesige nti Omwoyo Omutukuvu anaakulungamya. Wuliriza omutima gwe. Oyinza okutandika nga osikattira, naye mangu ddala ojja kukwata omutima gwa Mukama.

Okusabira Omukisa Ekifo gy'Okolera

Ddako emabega mu Kitundu 1 otwale eky'okulabirako kye nnawa, okuva mu kye nnayitamu ng'omuntu, okikozese mu mbeera zo. Weggulewo eri ekyo Katonda ky'akulaga – ayinza okukyusa endaba yo. Okusabira omukisa si ngeri ya ddogo erirangirirwa ku muntu omu. Eky'okulabirako, Katonda tajja kuleetera bantu okugula ekyo kye bateetaaga oba kye batayagala. Nate era Katonda tajja kuwa mukisa bwa lugojjamye n'obutali bwesimbu. Naye bw'otuukiriza obukwakkulizo Bwe, olwo nno olina

okusabira omukisa bizinensi yo – nti Katonda akuyambe okugiggya awo w'eri kaakano okugitwala awo Ye w'ayagala ebeere. Wuliriza okuteesa Kwe oba amagezi g'abantu b'aleeta gy'oli. Beera nga weggud-dewo. Naye era suubira okuganja Kwe, kubanga Ye akwagala era ayagala owangule.

Nnafuna obujulizi buno wammanga okuva eri Ben Fox:

> *Omulimu gwange ogw'enjawulo mu bizinensi y'ebizimbe n'ettaka gwayita mu nkyukakyuka mu myaka mitono egiyise era waali wabad-dewo okukendeera ennyo mu bizinensi yange. Nnali ngenze eri abantu abawerako okusabira omulimu gwange kubanga emirimu gyange gyaali gikendedde okutuuka ku ddaala we nnali nga nneeraliikiridde.*
>
> *Mu kiseera kumpi kye kimu, omwaka gwa 2015 nga gwakatandika, nnawulira Mwami Brunton ng'abuulira obubaka obw'enjawulo obukwata ku kusabira omukisa omulimu gwo, bizinensi yo, amaka go n'ebintu ebirala. Okutuuka mu kiseera*

ekyo, essira ly'essaala zange lyaali libadde ku kusaba Katonda okunnyamba mu nsonga zino zonna. Ekirowoozo ekya ffe fennyini okwogera omukisa kyaali tekyanjigirizibwa, naye kaakano nnyinza okulaba nti kyawandiikibwa wonna mu Baibuli, era mmanyi nti Katonda atuyita, era atuwadde obuyinza, okukikola mu linnya lya Yesu. Bwe ntyo kwe kutandika okusabira omukisa omulimu gwange – okwogera ekigambo kya Katonda ku gwo n'okwebaza Katonda ku lwa gwo. Nnalemera ku nsonga y'okusabira omukisa omulimu gwange buli kumakya nate era n'okwebaza Katonda ku lwa bizinensi empya, nga mmusaba andeetere abaguzi abapya be nnali nsobola okuyamba.

Mu myezi kkumi n'ebiri egyaddirira, emirimu gyange egy'okukolako gyeyongera nnyo era, okuva mu kiseera ekyo, ebiseera ebimu nnyigiriziddwa okukwataganya obungi bw'emirimu egizze mu kkubo lyange. Njize nti waliwo engeri y'okunyigiramu Katonda mu mirimu gyaffe egya buli lunaku, n'okusabira omukisa omulimu gwaffe kiba kitundu ku ebyo Katonda

by'atuyita okukola. Nze n'olw'ekyo mpa Katonda ekitiibwa kyonna. Nze nate era nnatandika okwaniriza Omwoyo Omutukuvu okuyingira mu lunaku lwange olw'emirimu, nga nsaba amagezi n'ebirowoozo eby'okuyiiya. Mu ngeri ey'enjawulo, nkirabye nti bwe nsaba Omwoyo Omutukuvu okunnyamba n'okutambula obulungi okw'omulimu gwange, ntera okugumaliriza obulungi nga obudde obubadde busuubirwa okugumaliramu tebunnatuuka.

Kirabika gye ndi nti okuyigiriza okw'omukisa, n'engeri y'okugwogera, kwerabiddwa amakanisa mangi, ng'Abakulistaayo abalala be njogera nabo bwe batagumanyi. Okusabira omukisa omulimu gwange kaakano efuuse mpisa eya buli lunaku, nga bw'efuuse empisa y'okusabira omukisa abalala. Nate era nnindirira n'essuubi okulaba ebibala mu bantu n'ebintu bye nsabira omukisa bwe kiba nga kikwatagana n'Ekigambo kya Katonda era mu linnya lya Yesu.

Okusabira Omukisa Abantu b'Omu Kitundu Kyo

Ndowooza wano ku kkanisa emu – oba ekitongle ekikola omulimu nga ogw'ekkanisa – okusabira omukisa abantu b'omu kitundu mw'ekolera emirimu gyayo.

Abantu b'e …… (kye kitundu ekkanisa mw'eri), tubasabira omukisa mu linnya lya Yesu okumanya Katonda, okumanya ebiruubirirwa Bye ku lw'obulamu bwammwe, n'okumanya emikisa Gye egiri ku buli kinnoomu ku mmwe, ku maka gammwe n'embeera zonna ez'obulamu bwammwe.

Tusabira omukisa buli nnyumba mu …… (ekitundu ekkanisa mw'eri). Tusabira omukisa buli bufumbo era tusabira omukisa enkolagana eziri wakati w'abantu mu maka ab'emirembe egy'enjawulo.

Tusabira omukisa obulamu bwammwe obw'omubiri n'obugagga bwammwe.

Tusabira omukisa emirimu gy'emikono

gyammwe. Tusabira omukisa buli mulimu ogw'amaanyi oguyamba obulamu bw'abantu gwe mwenyigiddemu. Tugisabira gyonna gikulaakulane.

Tusabira omukisa abayizi mu masomero gammwe; tubasabira omukisa okuyiga n'okutegeera bye basomesebwa. Tubasabira bakule mu magezi ne mu mubiri ne mu kuganja ne Katonda n'abantu. Tusabira omukisa abasomesa era tusaba nti essomero libeere ekifo eky'emirembe era nga lirina embeera z'eby'obulamu ennungi, omwo okukkiriza mu Katonda ne mu Yesu mwe kuyinza okuyigirizibwa awatali kutaataaganyizibwa.

Twogera eri emitima gy'abantu bonna abali mu kitundu kino. Tubasabira omukisa okubeera nga beggulawo eri okwogerezebwa Omwoyo Omutukuvu n'okweyongerayongera okugondera eddoboozi lya Katonda. Tubasabira omukisa n'okufukirirwa okw'Obwakabaka obw'Eggulu okwo kwe tuweebwa wano ku …… (kkanisa).

Kyeraga kyokka nti engeri eno ey'okusabira omukisa erina okuba nga erina ekigendererwa ku lw'ekika ky'ekitundu ekisabirwa. Bwe kibeera ekitundu eky'abalimi, muyinza okusabira omukisa ettaka n'ebisolo ebirundibwa; bwe kibeera ekitundu ekirimu ebbula ly'emirimu, olwo nno mulangirire omukisa gwa zi bizinensi ez'okuwa omukisa gw'emirimu eri abo abagyetaaga. Omukisa mugulangirire okusinziira ku kyetaago ky'ekitundu. Temufaayo oba nga bagwanira omukisa ogwo oba nedda! Abantu bajja kukiwulira mu mitima gyabwe omukisa wa gye guvudde.

Okusabira Omukisa Ettaka

Mu kitabo ky'Olubereberye, tulaba Katonda ng'awa omukisa abaana b'abantu, ng'abawa obufuzi ku nsi n'ebintu byonna ebiramu, era nga abalagira okuzaala n'okwala. Eno yali ngeri ey'ekitiibwa kyabaana b'abantu ekyasooka.

Bwe nnali mu Kenya gye buvuddeko, nnasisinkana Omuminsane eyakunganyanga abaana b'oku nguudo n'abayigiriza ebikwata ku by'obulimi. Yambuulira

olugero lw'ekitundu ky'Abasiraamu abaagambanga nti ettaka lyabwe lyaali lyakolimirwa, kubanga tewali kirime ekyali kisobola okulibalirako. Mukwano gwange omuminsane n'abantu be Abakulistaayo baasabira omukisa ettaka ne lifuuka eggimu. Kuno kwaali kwolesa mu ngeri eyeewuunyisa okw'amaanyi ga Katonda agasumululwa olw'okusabira omukisa.

Bwe nnali e Kenya, nate era nnatambula okwetooloola amaka ga bamulekwa ekkanisa yaffe ge yayambanga, nga nsabira omukisa ennimiro yaabwe ey'ebibala, ennimiro yaabwe, n'ente zaabwe. (Nsabidde omukisa emiti gyange egy'ebibala ne gibala bya kitalo.)

Geoff Wiklund abuulira olugero lw'ekkanisa mu Philippines eyasabira omukisa ettaka lyayo wakati mu kyeya eky'amaanyi. Ettaka lyabwe lye lyokka eryatonnyako enkuba. Abalimi abaliranyeewo bajja okusena amazzi ku lw'omuceere gwabwe okuva mu nsalosalo ezeetoloola olukugiro lw'ettaka ly'ekkanisa. Kino ky'amagero ekirala ekyewuunyisa ekyo oku-ganja kwa Katonda mwe kwasumululibwa okuyita mu kusabira omukisa.

Okusanyusa Mukama

Newankubadde kino nkireseewo okusembayo, mazima ddala kye kirina okukulembera ebirala byonna. Ensonga lwaki nkisembezzaayo, weewaawo, eri nti tekirabika kukwatagana na kyakulabirako eky'okwogera ebigendererwa oba okuganja kwa Katonda ku muntu omu oba ku kintu ekimu. Wabula, kino kye kirowoozo eky'okusanyusa.

Ngeri ki gye twebaza Katonda? Engeri emu ey'okukola kino eyolesebwa mu Zabbuli 103:

> *Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange, …*
> *so teweerabira birungi Bye byonna…*

Emiganyulo gya Mukama eri emmeeme zaffe gye giruwa? Ye asonyiwa, awonya, anunula, assaako engule, amatiza, azza buggya…

Ngifuula nkola okujjukira n'okwebaza Katonda buli lunaku olw'ebyo by'akola mu nze n'okuyita mu nze. Nzijukira n'okusiima buli kintu ky'ali ku lwange. Kino kimusanyusa, era nange kennyini! Owulira otya omwana bw'akwebaza oba bw'akusiima olw'ekintu

ekimu ky'okoze oba ky'oyogedde? Kikyamula omutima gwo era kikuleetera okwagala okukola ebisingawo ku lulwe.

Ekigambo Ekisembayo Okuva Eri Omusomi

Kizibu okunnyonnyola engeri okusabira omukisa gye kukyusizza obulamu bwange. Mu ebyo ebitono bye ndabye kampegaano, tewali muntu yenna eyali agaanye omukisa bwe nnamusaba okugumusabira – nnafuna n'omukisa okusabira omukisa omusajja Omusiraamu. Okubeera omwetegefu okusabira omukisa ku bulamu bw'omuntu kiggulawo oluggi…eyo y'engeri ennyangu, etetiisa ey'okuleeta Obwakabaka bwa Katonda okuyingira mu mbeera emu, okuyingira mu bulamu bw'omuntu omu. Eri nze, okusobola okusaba omukisa kugasse eky'okukozesa eky'enjawulo ennyo ku tterekero ly'eby'okukozesa byange eby'omwoyo…kiri nga ekitundu ekimu eky'obulamu bwange ekyaali kibulawo era kaakano nga kizze mu kifo kyakyo… – Sandi

EBY'OKUSSA MU NKOLA

- Lowooza ku muntu omu eyakukosa – musonyiwe bwe kiba kyetaagisa, naye genda mu maaso omusabire omukisa.

- Lowooza ku bintu by'otera okwogera entakera mw'okolimirira abalala oba ggwe wennyini. Kiki ky'ogenda okukikolera?

- Wandiika omukisa ku lulwo, ku lw'omukyala wo oba ku lw'omwami wo, n'abaana bo.

- Sisinkana omuntu omulala era weggulewo okumuwaako obunnabbi. Saba Katonda olw'okubikkulirwa okw'ekintu eky'enjawulo era ekizzaamu amaanyi ku lw'omuntu oyo. Tandika n'okwogera ebigambo ebya bulijjo, eky'okulabirako, Nkusabira omukisa mu linnya lya Yesu. Nsaba entegeka n'ebiruubirirwa bya Katonda ku lw'obulamu bwo okutuukirira… era

lindako, beera mugumiikiriza. Jjukira olina ebirowoozo bya Kristo. Oluvannyuma mukyuse, era omuntu oli naye mu ngeri y'obunnabbi akusabire omukisa.

- Mu kkanisa yammwe, mugatte wamu essaala y'okuwa omukisa ey'okufuluma n'okuwonya ettwale lyammwe, oba okusabira omukisa omulimu gwa Katonda gwe mulina kampegaano.

OFUUKA OTYA OMUKULISTAAYO?

Akatabo kano akatono kaawandiikirwa Bakulistaayo. Bwe ngamba Abakulistaayo, sitegeeza bantu abatambulira mu bulamu obulungi. Ntegeeza abantu abazaaliddwa omulundi ogw'okubiri olw'Omwoyo wa Katonda era abaagala n'okugoberera Yesu Kristo.

Abantu baakolebwa mu bitundu bisatu: omwoyo, emmeeme n'omubiri. Ekitundu ky'omwoyo kya-kolebwa okumanya n'okusseekimu ne Katonda omutukuvu, nga gwe Mwoyo. Abaana b'abantu baakolebwa ku lwa nkolagana ey'omukwano ogw'ebuziba ne Katonda, mwoyo ku Mwoyo. Wabula, ekibi ky'obuntu kitwawula okuva ku Katonda, era mu kino mwe muva okufa kw'omwoyo gwaffe n'okuviibwako okusseekimu ne Katonda.

Ekivaamu, abantu batera okukolera mu mmeeme zaabwe n'emibiri gyabwe gyokka. Mu mmeeme mwe

mubeera amagezi, okwagala n'empulira z'obuntu. Ekiva mu kino kyeyoleka nnyo mu nsi: okwefaako, amalala, omululu, enjala, entalo, n'okubulwa emirembe n'amakulu aga nnamaddala.

Wabula Katonda yalina entegeka ey'okununula abaana b'abantu. Katonda Kitaffe yatuma Omwana We, Yesu, ate era nga naye Katonda, okujja ku nsi ng'omuntu okutulaga ki Katonda ky'ali – *bwe muba mundabye era mulabye Kitange* – n'okwetikka ku Ye Yennyini ebiva mu kibi kyaffe. Okufa Kwe okw'entiisa ku musalaba kwategekebwa kuviira ddala ku ntandikwa era kwalangirirwa mu bujjuvu bwakwo mu Ndagaano Enkadde. Yasasula omuwendo ku lw'ekibi ky'abaana b'abantu. Obwenkanya bw'obwakatonda bwamatizibwa.

Wabula oluvannyuma Katonda yazuukiza Yesu okuva mu bafu. Yesu yasuubiza nti abo abakkiriza mu Ye balizuukizibwa okuva mu bafu okubeera mu bulamu obw'emirembe n'emirembe wamu naye. Ye atuwa Omwoyo We kaakano, ng'omusingo, tusobole okumumanya n'okutambula naye obulamu bwaffe bwonna obusigaddeyo obw'oku nsi.

Kale omwo mwe tujja amakulu g'enjiri ya Yesu Kristo. Bw'okkiriza n'oyatula ekibi kyo, bw'oba ng'okkiriza nti Yesu yatwala ekibonerezo kyo ku Ye ku musalaba era nti yazuukizibwa okuva mu bafu, olwo nno obutuukirivu Bwe bunaakubalirwa. Katonda ajja kusindika Omwoyo We Omutukuvu okuwa obulamu omwoyo gwo ogw'obuntu – ekyo kye kitegeeza okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri – era ojja kusobola okutandika okumanya n'okusseekimu ne Katonda mu ngeri y'omukwano ogw'ebuziba – ng'eyo ye nsonga lwaki yakutonda! Omubiri gwo bwe gufa, Kristo alikuzuukiza n'akuwa omubiri ogw'ekitiibwa, ogutavunda. Nga kyewuunyisa!

Nga okyagenda mu maaso ku nsi kuno, Omwoyo Omutukuvu (era nga naye Katonda) ajja kukolera *mu* ggwe (okukulongoosa n'okukuleetera okwongera okufaanana nga Yesu mu mbala) era *n'okuyita* mu ggwe (okubeera omukisa eri abalala).

Abo abasalawo obutatwala ekyo Yesu kye yasasulira baliyingira mu musango n'obungu bwagwo bwonna. Ggwe toyagala ekyo.

Yiino essaala gy'oyinza okusaba. Bw'onoogisaba ng'okitegeeza ojja kuzaalibwa omulundi ogw'okubiri.

Katonda omwagalwa mu ggulu, nzija gy'oli mu linnya lya Yesu. Njatula mu maaso Go nti ndi mwonoonyi. (Yatula ebibi byo byonna by'omanyi.) Nneenenyeza ddala olw'ebibi byange n'obulamu bwe ntambuliddemu Ggwe wootali era nneetaaga okusonyiyibwa Kwo.

Nzikiriza nti Omwana Wo omu yekka, Yesu Kristo, yayiwa omusaayi Gwe ogw'omuwendo ku musalaba era n'afa ku lw'ebibi byange, era kaakano ndi mwetegefu okuva mu kibi kyange.

Wagamba mu Baibuli (Abaruumi 10:9) nti bwe twatula nti Yesu ye Mukama ne tukkiriza mu mitima gyaffe nti Katonda yamuzuukiza okuva mu bafu, tulirokolebwa.

Mu kiseera kino njatula Yesu nga Mukama w'emmeeme yange. Nzikiriza nti Katonda yazuukiza Yesu okuva mu bafu. Akaseera kano kennyini nzikiriza Yesu Kristo ng'Omulokozi

wange era, okusinziira ku Kigambo Kye, mu kaseera kano kennyini ndi mulokole. Webale, Mukama, olw'okunjagala ennyo n'obeera nga wali mwetegefu nnyo okufa mu kifo kyange. Weewuunyisa, Yesu, era nkwagala.

Kaakano nkusaba okunnyamba olw'Omwoyo Wo okubeera omuntu gwe waluubirira nze okuba okuviira ddala nga ebiseera tebinnatandika. Nkulembera eri bakkiriza bannange n'eri ekkanisa gye weerondedde nsobole okukulira mu ggwe. Mu linnya lya Yesu, amiina.

Okwebaza ku lw'okusoma
akatabo kano akatono.
Nandyagadde okufuna obujulizi obw'engeri
okwesabira omukisa gye kukyusizza obulamu
bwo, oba obulamu bw'abo
b'osabidde omukisa.
Mwattu mpandiikira okuyita ku:

richard.brunton134@gmail.com

Okusabira Omukisa kwe kwogera ebigendererwa oba okuganja kwa Katonda ku muntu omu oba ku mbeera emu.

Bwe tukola ekyo mu kukkiriza, tuleetera amaanyi ga Katonda okukulukuta okukyusa omuntu (nga naffe mw'otutwalidde), oba embeera emu, okuva we bali kaakano okudda awo Katonda w'ayagala babeere.

Buli Mukulistaayo alina obuyinza n'amaanyi okusabira abalala omukisa mu linnya lya Mukama n'okulaba obulamu obw'enjawulo n'embeera ez'enjawulo nga bikyusibwa. Amaanyi g'omukisa ga bwakatonda; kwe kubeerawo era gwe mulimu gw'Omwoyo Omutukuvu, ng'aleeta essanyu, emirembe, okukulaakulana n'okubala ebibala; n'okuwa obulamu, obuwanguzi n'obukuumi.

Mu katabo kano akatono, ojja kuzuula engeri okusabira omukisa gye kukola n'okuyiga engeri y'okusabira omukisa abo abakukolimira oba abakunyiiza; engeri y'okusabira omukisa omwami wo oba omukyala wo, abaana bo, ennyumba yo, naawe wennyini; engeri y'okusabira omukisa omulimu gwo, ettaka lyo n'ekitundu kyo – n'okusanyusa Katonda Yennyini.

Oyinza Okukyusa ensi yo.

ISBN 978-0-473-43170-9

LUGANDA VERSION